# So Tokimanyi

Jeffersonville, Indiana USA

Agusito 15, 1965

1 Weebale ow'Oluganda Neville. Mukama Akuwe omukisa. Nnina kye nnayingiddemu, si bwe kiri? Njagala okwebaliza ddala Mukama, olw'okubaako kye Yakoledde omulenzi w'ow'oluganda Capps. Kyabaddewo bubeezi nga kano ke kaseera akatono ke nkomyewo mu Indiana. Mmanyi nga kino tebakikwata ku lutambi; Nsuubira nga tebali. N'olwekyo siraba muntu yenna awo, kale, bo…Nkomyewo okugenda okuyigga bukaamuje. Na bwe kityo nteebereza nga Charlie ajja kuba alina okusula nange, ye awamu ne Nellie, n'abo mu Kentucky, kaakati okumala olunaku nga lumu oba bbiri, okuyigga bukaamuje. N'olwekyo, waakiri nsubwa ekintu ekirala kyonna eky'okwesanyusaamu, olwo ne nzija wano…nga mu makkati ga Agusito, ne ŋŋenda okuyigga kaamujje ne Charlie ssaako Banks era ne bonna. Kiringa eky'obuwangwa gye ndi. Awo nno ne ntwala Joe…

2 Bwe twali wano luli, buli muntu yalwala, olw'okukyuka okuva mu mbeera y'obudde eyokera ddala okujja mu eno eya wano empeweevu. Mmanyi mulowooza nti eno si mpeweevu, wabula mwajjako mu Arizona omulundi gumu. Enkya ya luli lwe nnavaayo Ebbugumu lyali kikumi mu mwenda mu kisasi; awo nga mu kiseera ky'ettumbi, mu kiro, awo empewo ennyogoga bwe yakkirira okuva waggulu mu nsozi, yabadde ekyali kyenda mu mukaaga. Uh-huh. Mulabeeyo ng'obudde bwa ttumbi, empewo ennyogoga bwe yali ekkirira. Era bwe kityo bwe kiri… Ekifo ekyo kibeera kirungi mu biseera by'obunnyogovu, wabula waba wa njaba na minya mu biseera by'omusana, so si bantu. N'ebisolo byonna nabyo bidduka ne byambuka mu nsozi. Nabyo tebisolola kukigumiikiriza.

3 Era nnali mbadde bweru nga nkuba ssabbaawa n'emmundu yange entono. Nze…Mu ngeri emu njagala okubabuulira ku mulenzi wa Capps. Era nnagamba…Ne, Joe, nja kuba nnina okumuwa emmundu, 'kubanga ansinga okukuba ssabbaawa. Twali tugifunye okukuba era nnali-nnali nvulumula mu yaadi ng'ataano. Ne ŋŋamba Joe…Joe yagamba nti "Ddadi, nzikiriza nga nsobola okukola ekyo." Bambi omuto yali abadde n'okulumwa omutwe. Nnali mmaze okumusabira, olw'omusujja ogw'amaanyi. N'afuluma wamu nange okupima era nze…

Emmundu ey'omutwe ogwa bbiri-ku-kkumi esala omusittale gwa ssabbaawa yaayo mu yaadi ng'abiri mu ttaano; era nate ng'eri ku ataano, mu ngeri y'emu, bwe kiba bbiri-ku-kkumi. N'olwekyo awo…Nnali ngitunuzza mu yaadi ng'abiri mu ttaano. Era nnalina emitwe emirala ne ngiteekako, era Joe bw'aba nga teyagikozesa n'amaanyi! Ssaalina mitwe mirala, kale ne nteeka akawero akatono ak'eddiba ly'enjiibwa ne nkaabiza eyo, ako akakunizo abakubi ba ssabbaawa ke bakubako amasasi, nga kwota inchi okwetooloola ne kiggya mu yaadi ataano n'akasalamu emirundi ebiri egyenkanankana, era okupima kwantegekerwa amaaso gange nga mmusingako emyaka mitono. N'alyoka agamba nti, "Omanyi kiki? Nnina okugenda oluvannyuma ŋŋambe Billy ekyo akiggye ku bigere byange okuva kati. Okirabaaa?" [Ekibiina kyonna n'owOluganda Branham baseka-Omuk.]

Kale, n'olwekyo nnagamba nti, "Kale mbeeko kye mbabuulira," ne njogera nti, "Leka tuserengete ekyo tukirage ow'Oluganda Norman."

4 Ne njogera nti, "Joe, mu nkontana okwetooloola nsi yonna, Sifaayo omuntu yenna ky'ayinza okuba, tewali n'omu…" Kale obuuma obukozesebwa okunywereza ebintu ku kisenge tebwaggyibwawo okuteekebwa eruuyi, bwakozesebwa butereevu. Era akatundu ako, si konna, bwe nsuubira, kwota ya inchi nga ya kkumi na mukaaga mu bukwafu, era kwota ya inchi mu buwanvu, n'akasalamu emirundi ebiri mu yaadi ng'ataano. Ne ŋŋamba nti, "Tewaliiwo muntu yenna mu nsi ayinza okuba nga yakuba ssabbaawa esingako awo. Basobola, bannatameggwa, baandikoze ekintu ky'ekimu, ate nga ggwe tewandisobodde kukuba ssabbaawa eziwera essatu okubasinga." Obuuma obwo nga tebweweseemu, wabula nga waliwo ekituli wakati mu lupapula awo obuuma obwo we bwayita. Ne ŋŋamba nti, "Tewali n'omu eyandisobodde okukola ssabbaawa esingako." Bwe kiri. Ndowooza okulumwa omutwe gwe kwamwabulira amangu ddala.

Ne njogera nti, "Kale, leka tugende kino tukirage ow'Oluganda Norman," ekyo ky'ekikola mu *Field and Stream* ekifo ekirungi eky'ebyemizannyo ky'Owoluganda Tony Stromei.

Yagamba nti, "Leka tugende n'ekya Billy ekyasoose." Yagamba nti, "Nze-Nze nninako kye njagala okugamba Bubby." Mulaba? Era mu mazima, muganda we takolangako kirungi ekyo. N'olwekyo yagamba nti, "Tusooke tugendeyo."

5 Era nze olwayingira mu mulyango, Billy yali akyali mu kapale ak'omunda. N'agamba…Twakkirirayo ng'obudde bukyali kumakya nnyo, 'kubanga obudde butera okuba obw'ebbugumu ennyo. Olwo n'alyoka agamba…Essimu yavuga. Ne ŋŋamba…N'antunuulira mu ngeri eyo. Ne njogera nti, "Oba oli awo ssimu yamulwadde." Era yabadde ya waluganda Capps olwa mutabani we, olwo ng'ali mu kisenge mwe balongooseza, alina obulwadde mu lubuto nga okulongooseba kulindiriddwa. Yaakamala okuŋŋamba nti mutabani we ali mu kussuukira ddala, bulungi ddala.

Kale nno, mulaba engeri ekyo Katonda nga gye Yakikolamu, ne mu ddoboozi ery'omulenzi oyo omuto,

Joe? Mu kifo eky'okugenda ew'Ow'oluganda Norman, teyandibaddeyo, ne tukomawo. Nze n'Ow'oluganda Capps ne twegatta wamu. Sigamba nti essaala zaffe ze zaakikola, wabula kirina kye ky'ategeeza gy'ali ffe okusisinkana mu ngeri efaanana bw'etyo. Era, mu mazima, ekyo kye kyali…Mu kiseera-mw'olina okubeera n'okukkiriza mu ekyo ky'okola. Mulaba? Era, okwo, kwe kwali okukkiriza kwe okukuba essimu ne Billy yali…

Baali bateekamu ssente mu kyo. Yagamba nti, "Luno luteekeddwa okubeera olugendo oluwanvu ddala," n'agamba nti, "yali ateekamu ddoola kumpi ttaano mu kukuba essimu ey'eddakiika nga ssatu…mu ssimu ey'eddakiika essatu." Era Nnalowoozezza nga yabadde eva mu New York oba okuva mu kimu ku bizinga oba ekintu ekiringa kityo. Wabula yali akubye essimu ya muntu ku muntu, okufuna Billy mu kifo ky'okufuna Loyce, mulaba, era ekyo kye kyamuleetedde okukola bw'atyo.

Era kaakati omulenzi we ali mu kussuuka. Ow'Oluganda Capps agamba nti omusawo yamuwa essuubi ttono ery'okukivaamu, mulaba, okuvaayo mu kulongoosebwa. Tuli basanyufu eri Katonda enkya ya leero olwa kino, era tuli basanyufu nnyo olw'ekyo.

6 Kaakati, bwe twayingiddeemu nga busaasaana enkya ya leero, era nnabadde n'okwebaka kwa ssaawa ssatu, ne kaakati ndi mukoowumukko. Naye ekkanisa…ekiseera eky'okujja ku kkanisa bwe kyatuuse, lwaki, nzize.

Mukama ng'Asiimye, kaakati nnina okuserengeta mu Kentucky nga bwe nnagambye. Olwo nnasuubiza okwogera Sande emu bwe nnaaba nga nkomyewo wano, era kisingako okukikola wiiki eno eddako, olw'okuba egenda okuddako, nja kuba…Nnina okuddayo. Kubanga ŋŋenda kuddayo nate, mu Canada. N'olwekyo kisingako okukikola Sande ejja, era amakya ga Sande ejja.

N'ow'Oluganda Neville yagambye nti, "Lwaki togenda n'obuuza ku bantu era obabuuzeeko eddakiika ntonotono.?"

Ne ŋŋamba nti, "ow'Oluganda Neville, ne Baibuli yange sinnaba na kugibikkula wadde akatono." Ne njogera, nti "Nze…"

Yagambye nti, "Kale, genda obeeko ky'ogamba abantu." Era ne Mwannyinaffe Neville, Nze-nze-nze Simanyi na bw'okikola. Musajja amanyi obulungi okusendasenda. Wabula era…

7 Sitera kufuna mukisa kwogera kino ng'abantu bakubyeko bwe bati, nga bangi na buli kintu, wabula ndi musanyufu eri Katonda olw'omusumba alinga ow'Oluganda Orman Neville. Omwesigwa, mwesigwa nnyo nga bw'asobola okuba, eri ensonga ebaawo, era tolimuwulira nga yeemulugunya. Ne ntuula emabega eyo…Nnafuna akaseera ka kitundu kya ssaawa nga njogera awamu naye nga eno bwe nnyumirwa ow'Oluganda Mann era bwe tunaatuuka mu Colorado nja kumubuulira ebirala ebisinga ku ekyo omwaka guno. N'olwekyo bwe twali nga tunyumirwa obubaka bwe, Nnafuna okwogera okulungi n'Ow'oluganda Neville. Nnagamba nti, "Mbulwa n'ekyokugamba abantu ku musumba waffe omulungi." Ne ŋŋamba nti, "Abantu bakuyisa bulungi?"

N'agamba nti, "Tekisobola kusingako awo."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo kye nsanyukira okuwulira."

Omusumba bw'abeera nga mumativu nga n'abantu bamativu, kikola ekkanisa ennungi ddala, era awo ne Katonda abeera mumativu. Era ndowooza nsuubira okubala nga bonna bamativu naddala mu lunaku olw'Obubaka bwe tulina bwe twetisse, ndowooza ekyo kiraga okugenda mu maaso kw'Obubaka mu bantu awamu ne Katonda. Mulaba?

8 Ndi musanyufu nnyo olw'Ow'oluganda Orman Neville awamu ne mukyala we ssaako ne famire okutwaliza awamu. era nsaba Katonda Abakuume nga bamugondera n'olw'Ensonga. Bwe kiba nga kimusanyusa Ye, leka tube nga tuyimiridde mu kkuŋŋaaniro wano olunaku lw'Alijja Mukama Yesu okutunona, mulaba okututwala mu Kukwakkulibwa. Tusuubira ffenna tuliba bakadde nnyo, ow'Oluganda Neville, nga buli omu omukono gwe agwetooloozza munne nga tuyimiridde ku miggo gyaffe, nga tukyagezaako okuyimirira waggulu. Mulaba? "Olwo ne tulyoka tukyusibwa, mu kaseera ng'okutemya kw'eriiso."

Ebyambalo bino ebikadde

eby'omubiri birigwa.

Girizuukuka okukwata

ekirabo eky'olubeerera,

Nga bwe tuleekaana okuyita

mu bbanga,

“Mweraba, mweraba,”

ekiseera ky'okusaba.

Ne tulyoka tutambula

okweyongerayo waggulu.

9 Twawulira ku kuwonyezebwa kw'Ow'oluganda Coomers okuva eri Mukama era Twebaza nnyo olw'ekyo. Ebintu bingi ddala. N'olwekyo ndi musanyufu okuba wano enkya ya leero. Era Nnalowoozezza, mu kifo ky'oku…

Ntera okujja wano n'omutwe okugwogerako. Nnalowoozezza nti nja kumala gajja enkya ya leero. Era ne ŋŋamba nti, “ow'Oluganda Neville nja kulabiriza nnyo essaawa, okusobola okuleka abantu okufuluma mu budde, njogera nammwe okuva mu mutima gwange, mu ddakiika ntono ddala; ebintu ddala bye tubaddenga… Nedda tebabikwata ku ntambi oba ekintu kyonna, kale tubeera bubeezi n'okukuŋŋaana bwe wabaawo wano ekisibo, mulabe nga bwe tubeera awamu.”

N'olwekyo leka tusabe.

10 Ow'omukwano Yesu, tuli basanyufu Gy'oli olw'omukisa okujja awamu. Era oh, bwe nnatunudde ku kuŋŋaaniro lino enkya ya leero, ng'ettumbi liyise, Nnalowoozezza engeri gy'Oyimiriddemu nalyo.

Bwe ndowooza ku kidiba ekikadde ekyali wano, n'ekiddo ekiwanvu nga kisakaatidde wano wennyini ddala awali ekituuti kino. Nga nkyali mulenzi muto, nze-nze nga nnyimiridde wano. Mwami Ingram yagambye nti twali tusobola okufuna ekingi n'obusente obutono, ne tusobola okusasulako; era awatali ssente, awatali musingo, oba ekintu kyonna okuwaayo, wabula okugezaako. Engeri ekyo, nga mu ndabika y'omuwendo gwakyo, nga kiringa mu ddoola nga enkumi bbiri; nga zirina okusasulirwa mu myaka abiri.

Era kaakati, Mukama, kitunuulire kaakati! Kale bwe kyali nga kikyali mu mutendera gwakyo ogwasooka, nga tukyatuula wano mu kinnya, ng'amazzi gayiika wano munda; engeri gye Watusuubiza okuyita mu Kigambo: nti, “Nze Mukama nkisimbye, nja kukifukirira ekiro n'emisana, waleme okubaawo omuntu yenna akisikula mu mikono gyange.”

Mu kiseera ky'ekimu abantu ne bagamba nti, “Mu myezi mukaaga, kijja kuba kifuuse galagi ya mmotoka.”

11 Naye enkumi n'enkumi z'emmeeme z'abantu bazudde Kristo wano wano ku Kyoto. N'ekkuŋŋaaniro, ebbatirizo libaddenga…Abantu babatiziddwanga mu Linnya lya Mukama Yesu; nga bayita Erinnya Lye, nga banaazibwa ebibi byabwe. Ebikumi by'abagongobavu, abanyigirizibwa, bamuzibe, abalina obatatambula, abalema, abaliiriddwa Kkookolo, batambuddenga okuva wano ku kituuti kino; ne bayingira, nga bafa, abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala, ne bafuluma okugenda okubeera mu bulamu obuggya, nga balina ennyama empya mu mibiri gyabwe, nga batambula nate; nga bavudde mu bugaali bwabwe, balese emiggo, n'ebirala. Ai Katonda, emyaka gino asatu egy'obuweereza!

Kitaffe, nzijukira amakya lwe twasimba ejjinja ly'okusonda. N'Otuwa okwolesebwa kwa wano, ng'Olaga ekifo, nga kijjudde abantu era nga kibooze, n'ensonda ennungi; nze-nnamanya nti ekyo kyali tekisobola kulemererwa. N'olwekyo Nkwebaza olw'ebintu bino byonna.

12 Abangi ku bo balwanye okulwana okulungi, era ne bamaliriza olugendo, nga bakuumye okukkiriza; nga beebase ebusukka, nga balindirira, nga bawummudde okuva ku mirimu gyabwe, era n'ebikolwa byabwe bigenda nabo; nga balindiridde essaawa y'akagombe okuvuga, basobole okubbulukukira mu bulamu obuggya, n'omubiri omuggya. Abasinga obungi nga bakaddiye n'okujugumira, abalala nga bavubuka, abalala batuuludde mu myaka, n'abalala. Naye Erinnya Lyo ligulumizibwe olwa byonna.

Kati tuyimiridde wano nate, mu maaso g'abalamu n'abafu. Nsaba nti Onoofukako Amafuta ku Bigambo Byo enkya ya leero. Simanyi na kintu na kimu eky'okwogera, wabula nsaba nti Ojja kubirongoosa ebyo nga bw'obaddenga Okikola. Mukama.

Wa omukisa omusumba waffe, ow'Oluganda Neville, mukyala we. Wa omukisa abakakiiko k'abawanika, olukiiko lw'abadiikoni, na buli mmemba ku mubiri.

Ffenna wamu tusobole okubeera mu bulamu buno, era mu bulamu obugenda okujja tube n'Obulamu Obutaggwaawo.

Tuyambe amakya ga leero okutwala okuwabulwa okuva eri Omwoyo n'Ekigambo, olwo tusobole okwetegeka nga bwe tufuluma mu miryango enkya ya leero, nga tumaliridde mu mitima gyaffe okubeera obulamu obusingako ku bwe tubaddemu ekiseera ekiyise. Tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

13 Kaakati nze-mmaze gabikkula Baibuli wano, kiringa mu budakiika butono obuyise. Ndi mu Kubikkulirwa 3, kale nja kusoma busomi wano, ku Bubaka bw'Ekkanisa ya Lawodikiya.

Era njagala okuyisaawo ekirango, ow'Oluganda Neville ky'abadde aŋŋamba; ow'Oluganda Parnell, era nga bwe ntunuddetunudde ng'ali wano atudde, ali mu ku-okudda obuggya ku luuyi luno olwa Memphis. Ku…Abasinga obungi ku mmwe mumanyi wa Wimpy enkadde w'eri, edduuka lya hamburger ery'ebyokulya we lyabeeranga, abaddeyo n'olusiisira oluteereddwa eyo ng'agezaako okuyingiza ebinywa okuzuula oba nga waliwo omuntu abadde abulidde eyo nga yategekerwa obulamu asobole okumuwangula eri Kristo okuyita mu buweereza bwe. Yalumalirizza ku Sande, olw'okuba nti waliwo okukuŋŋaana mu kkuŋŋaaniro, era-era mu ekyo ow'oluganda waggonjebwa nnyo. Twagala mumanye nti enkuŋŋaana zijja kuggulwawo ku Mmande ekiro ekinaddako wiiki ejja. Era mmanyi nga mwenna mwanirizibwa okujja okuwulira ow'Oluganda Parnell ng'aleeta obubaka bwe obw'okwagala kwa Kristo.

14 Kale kaakati leka tusome mu Kubikkulirwa essuula 3, kitundu butundu, okugamba nti tusoma Baibuli. Kubanga kye nnyinza okwogera kisobola okulemererwa wabula Ye ky'Ayogera tekijja kulemererwa. Simanyi na wakutandikira, na kyakukola, wa ew'okulaga wabula ndi mukusoma Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya.

*…eri Malayika w'ekkanisa ya … Lawodikiya Wandiika nti: Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa omwesigwa era ow'amazima, olubereberye lw'okutonda kwa Katonda;*

*Nti mmanyi ebikolwa byo, nga tonnyogoga so tobuguma: waakiri obe ng'obuguma oba onnyogoga.*

*Bw'ekityo kubanga olina ekibuguumirize, so tonnyogoga so tobuguma, ndikusesema mu kamwa kange.*

*Kubanga oyogera nti Ndi mugagga, era ngaggawadde, so Siriiko kye nneetaaga, so tomanyi ng'oli munaku,...ggwe era asaasirwa,...era omwavu,...era omuzibe w'amaaso,...era ali obwereere:*

*Nkuweerera amagezi okugula gye ndi ezaabu eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale, n'engoye enjeru, olyoke oyambale era ensonyi ez'obwereere bwo zireme okulabika; n'eddagala ery'okusiiga ku maaso go, olyoke olabe.*

*Nze bonna be njagala mbanenya, era mbabuulirira: kale nyiikira weenenye.*

15 Mumanyi awantu awamu bwe mbadde nga nsoma, nze…bwe muba musobola okuŋŋumiikiriza akadakiika, nze-nnina wentuuse ne wampulikikira bulungi, era simanyi katundu ako awo wekali kaakati. Waawano.

*…so tomanyi…munaku ggwe... asaasirwa…omwavu…omuzibe w'amaaso…ali obwerere:*

Oh, abange, ekyo ky'ekifaananyi ky'ekkanisa leero! Kaakati, kiri, nze-nze ndowooza nti omulembe ogw'ekkanisa ogwo wano, gwe tuli mukwogerako… kubanga nnina omulembe gw'ekkanisa ogujja mu bitabo. Wabula olw'okuba ng'Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya gwe tulimu, leka tutunuulire butunuulizi embeera.

Ssaagala kutwala kyakuyigako kyonna oba ekintu kyonna kubanga tetuli…nga twogera bwogezi nga bulijjo, nga bwe tuyinza okulabayo kye twogerako kyonna Mukama ky'Anaatukulemberamu okukola, ekintu ekiyinza okutuyamba.

Leka tulowooze ku Mulembe gw'Ekkainsa ya Lawodikiya n'embeera yaagwo olwa leero. Nze nga bwe mmanyi, sirabawo kintu kyonna kya kuziyiza, mu kiseera kino, Okujja kwa Mukama Yesu, ekiri ebweru w'okwetegeka kw'Ekkanisa Ye. Ndowooza obwo bumu ku bunnabi…

16 Jjo, bwe nnabadde nzija mu mmotoka, twagivuze ennaku bbiri okuva e Tucson, okutuuka wano mmayiro enkumi bbiri, nze ne Billy. Era kati fenna, nga tetumenya mateeka ga ndiima gonna. Twabadde bulungi. Ne ndyoka ntuula awo, nga ye bw'avuga, era nze ne nfunya-ne nfunya ekikonde kyange nga mu ngeri y'akamundu akampi akuli akayondo. Ne mmulaba ng'asukka w'ateekwa okukoma. Ne mmugamba nti, "Mulenzi lindamu katono."

Kaakati tugambibwa nti "Wa Kayisaali ebya Kayisaali."

Olwo ne tulyoka tuyingira wano ekiro ekyayise, akawala akato ak'emyaka ng'esatu egy'obukulu nga bakagalamizza awo ebusukka kkubo; nga nnyina waako ali mu mwala mufu. Nga waliwo omuvubuka ow'emyaka nga kkumi na munaana Omutamiivu ng'ava mu R.O.T.C, ng'avuga mmayiro kikumi mu abiri buli ssaawa ku mukono ogwa ddyo ogw'ekkubo, ng'amusse. Naye ntebeereza yabadde afa. Kale musobola okutegeera bwe kiri. "Kayisaali muwe ebya Kayisaali."

17 Abantu abatalina musango nga bafa. Akaana k'emyaka esatu ko ne kafiirwa obulamu bwako, mukirabe, olw'omusirikale omutamiivu, mulabeeyo, ng'avuga mmayiro kikumi mu abiri buli ssaawa, nga bwe kiteeberezebwa ate ng'ali ku mukono omukyamu ogw'ekkubo. Ng'akkirira okuva ku lusozi, n'abakoonerawo, era n'abattirawo bombi. Nze…Naye yabadde afa. Kale, olwo osobola okulaba newankuba abatalina musango baababadde bakoze…

Kale, omulenzi oyo alina omusango ogw'okuyiwa omusaayi. Mulaba? Ndowooza singa omuntu akwatibwa ku luguudo, ng'atamidde, aba ateekwa okusibibwa emyaka kkumi, egyekutte, olw'okutta omuntu ng'ekiseera tekinnaba, okutta mu bugenderevu; omuntu yenna, kubanga ye…omuntu yenna.

18 Ffe, tetusobola kubaako kalungi ketukola n'ebyobufuzi. Byonna bivundu. Ekigendererwa kya Katonda okuba ne kabaka, kabaka omutuukirivu, kituufu. Wabula eby'obufuzi byamala gasaasaana wonna, era osobola okugula ekintu kyonna wonna; okukumpanya, okulimba, okubba, na buli kintu kyonna ekirala. Nga bwe nnagamba Sande entono emabega: era laba wa w'oli, mulabe, nga si kintu kirala wabula olw'ebeeya lwa buli kintu nga kikyamu. Wabula kabaka omutuukirivu asobola okukola amateeka ge. Osobola okutta omuntu; mumanyi eby'obufuzi ebirungi, ekyo bwe kiri, gwe byebalame. Mulaba? N'olwekyo, kiri nti kyo-kyo…

Demokulasiya ndowooza nnungi, naye tejja kukola. Kiringa bw'olaba Nakalyakaani, ebintu nga bya bonna; Kiwulikika nga kirungi, naye tekisobola kukola. Nedda. E...ekkubo lya Katonda okuba ne kabaka, nga Dawudi bwe yali, kyali kirungi, ng'ofuna ekirowoozo nga kiri wamu. Nga bw'olaba omukulembeze omu n'ekibinja ky'embaata, oba ekirala, tosobola kutwala bbiri oba ssatu ku zo. Awo, byonna oba omaze okubyonoona, bw'ovaayo n'enkola yonna.

N'olwekyo tuzuula ng'embeera leero, ziteekateeka Okujja kwa Mukama.

19 Naye, ng'ow'Oluganda Neville awamu nange n'abolugnda abalala bano tugezaako okulunda ekisibo, waliwo kye nnina ku ndowooza yange kaakati, ekizze kyetuyinza okwogerako.

Kye kino, Nnafuna ebbaluwa okuva eri omukyala omulungi olunaku lwa luli. Mbadde sigifunangako; yayitidde mu muntu mulala. Yabadde nga mazima anjuzaayuza nzenna oba ng'agezaako okukikola. Yabadde agamba nti, "Wali …Mmwe aba Business men temusobola kubaako kyemukola okuyimiriza ow'Oluganda Branham?" Yagamba nti "Wuuno wano afulumizza ekitabo kino ekiyitibwa *Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya,* ng'aggyayo bingibingi." N'agamba nti, "Ali mu kuyuzaayuza njigiriza ya Pentekoote mu bulere." N'ayogera nti, "Kati wuuno wano agamba nti obukakafu obwasooka si kwe kwogera mu nnimi." N'ayogera nti, "Awo, awakanya nnyo abakazi ababuulizi." Era ono yali mukazi mubuulizi era n'abalenzi be, be bamu ku mikwano gyange bennina abasingayo mu nsi. Ye…Be bamu ku mikwano gye nnina. N'alyoka gamba nti, "Kaakati…"

20 Era omusajja ono ne mukaziwe, nnabadde ndya nabo eky'enkya; ne bagamba nti, "ow'Oluganda Branham tunuulira kino. Oyinza okukirowooza?" ne balyoka basikayo ebbaluwa. Ne njogera nti, "Kale, mwannyinaze, lwakuba tategeera butegeezi."

Abalenzi baŋŋamba nti nnyaabwe mukazi mubuulizi nga n'olwekyo teyakkiriza Bubaka.

Kaati munda muno agamba, yayogera nti, "Kaakati yagamba mbu, 'Abakazi tebateekeddwa kuba na buyinza ku basajja.'" N'ayogera nti, "Ate Foyibe mu Baibuli, omuyambi wa Pawulo?"

Mu mazima ddala, yali mutunzi wa bintu. Era Pawulo yasaba abantu… Olowooza Pawulo yandigambye nti, "Abakazi basirikenga mu kkanisa, n'atabakkiriza kwogera," ate ne yeekyusa ate n'agamba nti, "Kaakati, foyibe, omuweereza wange mu Njiri, ye agenda kubuulira ebiro ebitonotono"? Lwaki, yandibadde akontanye n'ekigambo kye kennyini. Mulaba?

Era omukazi n'alyoka agamba, waggulu wa byonna (Nzikiriza nga yali Eseza… yali omu ku balamuzi mu Baibuli.) N'agamba nti, "Omukazi yali mulamuzi mu Baibuli. Ekyo bwe kiba nga si buyinza ku basajja.!"

21 N'omusajja ono omusuubuzi eyawonyezeddwa wano mu kkanisa gye buvuddeko, yagambye…Kaakati mukyala we yagambye nti, "ow'Oluganda Branham, bulijjo ekyo kintabula."

Ne mmugamba nti, "Lwaki, mwannyinaze, ekyo kikutabula kitya?" N'agamba nti, "Kale, wuuno wano Omulamuzi omukazi."

Ne njogera nti, "Ebyo byabufuzi, so si kkanisa. Ekyo tekirina we kikwataganira na kkanisa."

Pawulo yagamba nti, "Babeere mu kugonda kwonna nga n'amateeka bwe gagamba." Era etteeka terisobola kuteeka mukazi waggulu okuba kabona; terisobola kumuteekayo. Tolabangako kabona asinga obukulu nga mukazi. Mu Baibuli wonna tolabangayo mukazi yenna nga kabona. Mu Baibuli tolabangayo mubuulizi nga mukazi. Mazima ddala.

Abamu ku bo baali bannabbi abakazi n'ebirala; Miryamu n'abalala ab'enjawulo. Ne Eseza…nga y'omu ku bo eyali omulamuzi eri Isiraeri. Olumu baabeeranga bannaabakyala mu bo na buli kintu bwe kityo, kabaka ne Nnaabakyala. Era kabaka bwe yakisanga omukono, Nnaabakyala yalinanga okutwala ekifo kye mu maaso okutuusa nga bamaze okulonda kabaka omulala n'ebirala.

22 Mu-mu Tucson Arizona, tulinayo omulamuzi omukazi mu kibuga. Y'ensonga lwaki ekibuga kyonna kyonooneddwa. Era tulina…omukazi talina mulimu gwonna mu byabufuzi. Talina mulimu mu…n'obuyinza

bwonna mu kkanisa.

Ekifo kye ye Nnaabakyala w'omusajja mu maka. Okuva ku ekyo, talina kintu kirala. Era tugamanyi ago okuba Amazima. Tolisangayo…Mmanyi ng'ekyo Kiwulikika ng'ekintu ekikadde ekyaggwa edda ku mulembe, wabula kinkakatako.

Era nkimanyi ekyo, bwe ndimala okuva wano ku nsi, entambi awamu n'ebitabo biribaawo, nammwe abato mulibisangawo, mu nnaku ezigenda okujja, nti gano ddala ge Mazima, kubanga ngoogerera mu Linnya lya Mukama.

23 Olwo ne twewuunya engeri omukazi, nga mukazi mulungi, ng'aleese wano ku nsi okuyita mu mwami we omusajja omulungi, abamu ku balenzi abasingayo okuba balungi be nnali nsisinkanye, abasajja be nnali nsisinkanye. Era amangu ddala nga baakawulira Obubaka ne beetunda gye buli kikumi ku kikumi. Kaakati ekyo kyali kisobola kubaawo na kwawulibwa okw'edda, nga y'engeri yokka ey'okujjamu.

Kale, ekibuuzo kiikino wano. Nnabadde nkirowooza ekyo, mulabe, ensonga lwaki Mukama yabadde ankomyawo wano. "Nkimanyi, so tokimanyi… Tokimanyi; oli bwereere, ow'ennaku, asaasirwa, omuzibe w'amaaso, so nga tokimanyi."

24 Nga sinnaba kutuuka mu kifo ekyo, nsobola okubaddiramu mu bufunze ku bye nnayogera ennaku entono eziyise, wano mu Bubaka, nzikiriza bwali bugamba nti, *Katonda w'Ensi Eno*; yaziba amaaso g'abantu, basobole okusinziza ddala setaani mu kukuŋŋaana kw'eddiini. Mwenna mwakifunye ekyo?" Ekyo mwenna mukitegedde? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.]

Era mu Bubaka obwo bwebumu, ne ndeeta eky'okuyigako, eky'omukazi ng'ayambadde engoye ez'obugwenyufu, ng'ayambadde bubi nnyo, ajja kusalibwa omusango ku lunaku lw'Omusango nga malaaya w'oku nguudo. Ekyo nga kiwulikika ng'ekipya ennyo.

Muleke mbakubireyo akafaananyi.

25 Kaakati, wuuno omuwolereza wano mu kibuga, nga muvubuka muto ate era nga musajja mulungi. Eby'obufuzi nga bwe bifaanana, nkubamu akafaananyi ng'ayinza okubeera omulongoofu ng'omulala yenna, mu by'obufuzi bye. Oyo n'amala n'agenda n'omuwala ow'ettutumu. Ne baagalana era n'amuwasa. Ne bagenda mu bubaga bwonna na buli kintu kyonna n'okunywa ne banywa wamu. Eky'enkomerero, omukazi…Omusajja ng'alina amaka amalungi. Ng'abeera mu mulirwano omulungi. Nga n'abantu bamulowoozaako bulungi. Wabula ye…Bombi banywa. Omukazi ayambala empale ennyimpi, n'asalako n'enviiri ze, yeebbyula, byonna mu ngeri y'ekikaba, omukazi omulungi nga yeeyanika. Kale, ne ku kkanisa tagendayo wadde n'akamu, wadde omu ku bo.

N'olwekyo, bw'oyingira munda, omulyango oguddako ogubaliraanye, waliwo omukazi ow'ekkanisa y'Ababaputisiti oba Abamesodisiti, omukazi ne bba. Kaakati, omukazi ono…

Leka tumufuule Mumesodisiti, kubanga Abamesodisiti basingawokko ku butukuvu ku Babaputisiti; bonna ng'oggyeeko Ababaputisiti b'Endagaano Empya, bakkiririza mu butukuvu. Wabula, ebiseera ebisinga obungi, Ababaputisiti tebagendera ku butukuvu yadde, mulaba. Tebakkiririza mu kintu ng'ekyo. Awo nno, kaakati, ono, tumufuule Omumesodisiti 'kubanga bo bakkiririza mu butukuvu.

26 Kale awo omukazi ono Omumesodisiti ava mu mulyango oguddako n'ajja eri omukazi ono, nga bali ku luguudo lwe lumu. Nga bba musajja…Leka tugambe mubazi wa bitabo oba mu offiisi emu. Kale, omukazi ono Omumesodisiti atunuulira omukazi oli.

Olwo awo munnamateeka ono bw'afuluma okugenda mu kibuga… Erinnya lye ye Yokaana; tugambe nti erinnya lye ye Yokaana. Kale, temutandika kuteebereza ku ekyo kaakati. Ngezaako kutuuma mannya mapaatike. Erinnya lye ye Yokaana. Kale, yateranga okugenda ne Ralph. N'eryo linnya ppaatike, gonna, mulabe, musobole okufuna olugero luno lwonna, nga mbasiigira ekifaananyi.

Kale, ekintu ekisooka kye mulina okumanya, ku kabaga k'abatamiivu, Ralph amunywegera nate. Kale, omukazi n'alyoka abuguma yenna, kubanga nate ali mu mukwano ne Ralph, nga bw'alowooza. Awo, nga wayise akaseera, Ralph atandika okumusisinkana, ekyo ng'asobola okukinnyonnyola Yokaana, ne ku maaso ge. Olwo omukazi n'alowooza mulungi ate omugezi, kubanga asobola okudduka ne Ralph, nga yafumbirwa Yokaana. Mulabeeyo, nga n'omukazi talinaamu wadde okugumiikiriza kw'okwambala obulungi, era nga talina na kya kirowoozaako ekyo.

27 Kyokka ate omukazi ono Omumesodisiti akuziddwa mu mbeera endala. Waakiri ye agendako mu kkanisa, era ye alowooza nti omukazi oli mugwagwa. Olw'ensonga, agamba bba bw'aba ng'akomyewo nti, "Ndaba omusajja ng'ayingira omwo okumusisinkana. Era Yokaana bw'afuluma okugenda ku musango awantu awamu, e Firaderufiya oba awantu awalala, oli amutwalako mu mmotoka ye etalina kabikkako eya roadster, ne beeyanika eyo ku bbiiki. Ne mbalaba nga bakomyewo eka; olumu tebassa na kussa ntimbe wansi, nga beenywegera n'okukola omukwano eri omukazi, ekiddako…Oh, ekyo tekyesisiwaza?"

nga bw'agamba bba we. "Lwaki, tewali kirala ky'ali wabula malaaya w'omu lwatu." Ago mazima. Oyo aba asinga malaaya w'omu lwatu okuba omubi, kubanga mukazi mufumbo. Mukiraba? Era ye, omukazi ono, omukazi Omumesodisiti ono, alowooza nti ekyo n'okwesisiwaza kyesisiwaza, n'atagenda ku kkanisa.

28 Kaakati, omukazi ono Omumesodisiti teyandikoze kintu ekifaananako bw'ekityo. Nedda, tateekeddwa. Mukazi ayambala obulungi. Era ekintu ekirala, nga tasobola na kukwata ku kintu kyonna ng'omwenge, kubanga ekkanisa y'Abamesodisiti, kyenda ku kikumi ku nkola yaabwe egaana okukwata ku myenge, bavumirira emyenge. N'olwekyo, balina enteekateeka egaana ate nga n'abantu b'ekkanisa y'Abamesodisiti eyo tebasobola kubeerawo awatali ebyo ekkanisa yaabwe by'eyigiriza.

Wabula omukazi ono y'omu, Omumesodisiti ono, bw'afuluma, mu kawungeezi ne bba, ng'ayambadde empale ennyimpi ku Sande, oluvannyuma lwa Sande Sukuulu. N'asalako enviiri ze. Ne yeemyusa emimwa, ne kasigala afuuweetako akatonotono.

Kaakati, mu Kigambo kya Katonda, bonna bamalaaya, wabula *ono* wano "ali bwereere, munaku, asaasirwa, muzibe w'amaaso ate nga takimanyi." Buli omu gumusinga nga munne kuba "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, aba amaze okumwendako mu mutima gwe."

29 Era singa omukazi ono, kaakati asobola okugamba nti, "Lindamu katono, Mwami Branham. Nja kubaako kye nkuwa okutegeera, siri malaaya." Mwannyinaze, mpozzi nga bakutadde mu maaso ga Baibuli, n'ogikwatako mu Kubeerawo kwa Katonda n'olayira nti mazima obadde mutuufu, mwesimbu eri balo nga bw'obadde. Omubiri gwo gwa balo, kyokka ate emmeeme yo ya Katonda. Waliwo Omwoyo omukyamu ogukufukiddwaako. Bwe kiba ng'ekyo, bw'oba nga toli, olwo oba…Nsobola n'okukukakasa nti oli mulalu awedde emirimu.

Kiki ekyandituuse ku jjajja mukyala wo singa yatambula ku nguudo ng'ayambadde obupale obumpi? Baandibadde baamuteeka mu ddwaaliro ly'abatabufu b'emitwe; ng'afulumye tayambadde kiteeteeyi kye. Waba waaliwo ekikyamu n'endowooza ye. Bwe kiba nga bwe kityo bwe kyali luli bwe kiri ne kaakati.

N'olwekyo kiteeka ensi yonna mu butabufu bw'omutwe. Ekintu kyonna kitabuse omutwe. Kigenze kisensera Mpolampola okutuusa ng'abantu n'okumanya Tebakimanyi.

30 Kaakati, malaaya? Ssi eri bba, gwe yakubira ekirayiro ky'omubiri gwe. Wabula, mu maaso ga Katonda, alina omwoyo omubi, ogw'obwamalaaya ku ye, ogumuleetera okwambala bw'atyo. Era ali mu Mulembe gw'Ekkanisa ogwa Lawodikiya, nga tamanyi nti ali mukukola ekyo. Omukazi atalina ky'amanyi, tategeera nga Katonda ajja kumusalira omusango ogw'obwamalaaya. awo we muli.

Bw'otuuka waali; tosobola na kukimugamba. Teri na ngeri yakukimutuusaako. Baibuli egambye nti "Bali bwereere nga tebakimanyi."

Bw'onoomuyita malaaya, ng'omuntu agenda kukusiba. Ayinza okukikola. Ssoogerangako ku muntu yenna. Nze njogera ku kibi. Sigamba nti, "Ekkanisa *eno*, Mwami *gundi* ne *gundi* awo, Rev *gundi* ne *gundi*, ali bw'ati…" Nedda, nedda. Njogera nti Enjigiriza y'ekyo, mulabe ekintu kyonna wamu. Ssaatula linnya lya muntu ssekinnoomu. Ssi ssekinnoomu. Y'enkola eyo gye balimu. Enkola y'ensi yonna.

31 Ow'oluganda George Wright atudde wano, ali…Alina emyaka nsavu mu etaano oba emyaka nsanvu mu munaana, mu kuteebereza. Kiki ky'olowooza ekyandibaddewo singa olunaku olumu wagenda okulaba Mwannyinaffe Wright, n'omusanga ng'ayimiridde mu bupale obumpi? Lwaki, Tewandi, wandimwesambye. Tewandimuwasizza. Kale, singa omuvubuka yenna omuto akikola mu lunaku olwo, ekintu ky'ekimu kyandibaddewo. Kale, bwe kiba nga kyali kikyamu era nga kibi mu biseera ebyo, ne kaakati ky'ekimu; wabula abantu bakuze mu kutabuka omutwe.

32 Leka wabeewo kye ndagula gye muli, nga tekinnaba kutuukirira. Ensi yonna yeekuŋŋaanyiza mu butabufu bw'omutwe, era egenda kwongera kuba mbi nnyo, nnyo ddala, okutuusa lwe wanaabeerawo ekibinja ky'abalalu. Era bwe kityo kumpi bwe kiri kaakati.

Oyinza okukubamu akafaananyi omuntu avuga ng'amataala tegaliiko, ate ng'ali ku mukono omukyamu ogw'ekkubo; ali nga ricky, omwana omuto, ng'ateekeddwa okuba nga yaakafuluma okuva mu ssomero ery'emisomo egyawaggulu, n'atta abantu abawerako. Ekyo kibayimiriza? N'omulala ng'ajja amuvaako emabega we, ng'akola ekintu ky'ekimu. Oyinza okukubamu akafaananyi omuvubuka omuto gw'olowooza ng'ategeera…ekintu ekimukwatako, n'afuluma ne bakola mu ngeri gye baakolamu?

Oyinza okukubamu akafaananyi, omuwala omuto atuuse mu myaka gy'okuba omukyala, mulungi, azimbiddwa obulungi, engeri gye yabumbibwamu, ebimukwatako, endabika y'amaaso, mubalagavu; n'eky'okubeera omubalagavu kyennyini kiraga nga tuli mu kiseera kyankomerero. Mulaba, yenna ayolekedde okwewunda ng'ensi, ebintu by'ensi era nga si bulungi obw'obutukuvu, obuwoomerevu bw'emmeeme ye. Ndabye ku bakazi nga kungulu tebalina kyakutunuulira, wabula bw'oyogera nabo omulundi gumu, yogera nabo eddakiika entonotono, nga abantu abannamaddala b'otasobola obutabeera nabo. Mulabe ng'obulungi bw'okungulu bwa Setaani, bwa nsi.

33 Tunuulira abaana ba Kayini, engeri gye baakiyingiramu. "Abaana ba Katonda bwe baalaba abawala b'abantu nga balungi ne bawasanga mu bo abakazi," ne Katonda teyabasonyiwa.

Mulabe, awo abo abakazi Abaisiraeri abaalina emikono egiriko ebikalappwa, n'enviiri ezisunsumadde; awo abo abaana ba Katonda bwe baayita mu nsi eya Mowaabu, ne basisinkana abakazi baamu abalungi nga balina enviiri ennungi, abeetonyetonye, nga bonna beekozeeko mu maaso, oba ky'oyinza okukiyita; era abaana ba Katonda bwe baalaba abawala abo ababalagavu, nnabbi w'obulimba yagambye nti, "Fenna tuli omuntu omu." [ow'Oluganda Branham akuba ku kituuti emirundi mukaaga-Omuk.] Ne babawasaamu, ne Katonda teyabasonyiwa bo.

Baazikiririra mu ddungu. Buli omu ku bo yafiira omwo, awatali ssuubi, awatali Katonda, nga bonna babulidde ddala; okuzikirira emirembe gyonna, wadde nga baali balabye obulungi bwa Katonda, wadde nga baali banywedde okuva mu nsulo etakalira. Baali banywedde okuva mu lwazi olwakubibwa. Baali balabye omusota ogw'ekikomo nga gukola eby'amagero. Baafuluma mu kubatizibwa kwa Musa okw'omu semayanja. Baali balabye omukono gwa Katonda. Baali balidde emmere ya Bamalayika, era nga bakoze ebintu ebyo byonna. Naye ne bawasaŋŋana, ne bakkiriza abakazi okubayingiramu n'okubawasaamu. Sikwenda, wabula okubawasaamu; Katonda ekyo teyakisonyiwa.

34 Ogwo gwe mulundi ogw'okubiri okukisisinkana. Kale, kaakati tuli ku mulundi gwa kusatu, ku luno kirimba nnyo okusinga bwe kyali kibadde.

Mmanyi ng'ekyo kikalubo ddala. Era bulijjo mbaddenga nneewuunya, mu ngeri nnyingi, kigenda kuba kitya? Nga lwaki nnina okwogera mu ngeri ey'okwanguyiriza eri bantu? Kiki ekikireetera okuba kityo? Ate nga bwe nneetegereza, nga singa si Katonda, tewandibaddewo muntu yenna, tewandibaddewo wadde omukazi atuula okumpuliriza. Naye bagenda ne bakomawo, kubanga waliwo omuntu alina ennanga ey'Amazima munda, oyo amanyi nti Ekyo kituufu. Ng'oggyeeko kiki, bo bamanyi nga kituufu. Kaakati tunula olabe ekibaawo. Mmanyi nga kikalubo.

35 Kiringa omusawo bw'akuwa eddagala ggwe n'ogaana okulimira, olwo bw'ofa tonenya musawo. Ne kino kiringa ddagala. Ate bano abantu abaŋŋamba buli kaseera nga bwendi omukyayi w'abakazi?

Mulaba, mutunuulire butunuulizi engeri abakazi gye beeyisaamu, olwo nange nja kubalaga wa ekkanisa w'eri. Empisa z'abakazi ziri mu mulembe gwa Lawodikiya, mu nsi, mu buliwo, "bali bwereere, banaku, bazibe b'amaaso, so nga tebakimanyi," a-abantu, abakazi b'ensi. N'ekkanisa eri mu mutendera gwe gumu. Tunuulira eky'omubiri nga kyoleka eky'omwoyo, okuyitamu wonna, buli mulundi. Kaakati, olunaku lumu Awalisalirwa Omusango…

36 Mmanyi nga si kiganzi okukyogera ekyo. Era omuntu bw'aba nga teyayawulibwa kukyogera, totegana kukyogera; 'kubanga oba oli mukugeegeenya, era awo kijja kukusuula mu mitawaana ddala.

Kaakati weetegereze, mazima, kindabikiddenga emirundi egisinga obungi, ng'akutte Eddagala ne nditeeka mu kamwa k'omukazi, ate ne mmala ne nkwatira emikono gyange ku kamwa ke, nga buli kaseera aliwanda. Watya singa omusawo akozenga bw'atyo eri omulwadde, olwo omulwadde n'amala n'afa olw'obutamira ddagala? Awasalirwa Omusango, ebintu bino byonna ng'okusalako enviiri n'okwambala empale ennyimpi ne…

37 Nzimba buzimbi. Essaawa esemberedde lwe mugenda okulaba ekintu nga kibaawo, nga waliwo ekintu ekituukawo. Ne kino kyonna kye nsoosezza wano kibadde kiteekawo omusingi olw'Obubaka obumpi, obwangu ddala obugenda okunyeenya amawanga gonna.

Lwaki mbaddenga nkolokota abakazi, kibadde lwakuba nga wabaddengawo ky'osobola okukuba ku mutwe. Ng'ogezaako okubagamba ekituufu. Era nga nkwatidde omukono wansi bwe nti, nga kiringa akamwa, ne bakiwandula ebweru. Olwo ani asobola okunenya omusawo?

Ogenda kwogera otya ku Lunaku olw'Omusango, awo ng'amaloboozi gennyini agaakaaba okukiwakanya, bwe galiddamu okuzannya akatambi mu maaso g'abantu bonna? Olwo bagenda kugeegaana batya?

38 Liwandule wakati w'engalo zo. Erimu yongera olifuke wansi, eky'enkomerero bajja kunyenya emitwe gyabwe badde emabega, beddireyo, tebajja kukikola. Ate ng'osobola okukomawo nate n'olifukamu. Olwo ani ow'okunenya? Si musawo wadde Eddagala. Wabula endowooza y'omuntu. Ekyo bwe kiri ddala. Lujja kubeera lunaku lwa ntiisa, ezimu ku nnaku zino, omulembe guno omwonoonyi ogw'obwenzi gugenda kuyimirira mu maaso ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.

39 Ndaba ng'emyaka gyange gisemberera enkomerero, ng'ebibegaabega byange bigwa; era mmanyi, emyaka asatu nga ndi wano mu kituuti kino, Weewaawo, emyaka asatu mu esatu nga ndi mu kisaawe ky'enjiri. Eryo bbanga ddene. Egyo myaka asatu mu esatu egy'obuweereza. Nnina okwejjusa kumu kwokka; okuba nga ssaasobola kuba na myaka kikumi mu asatu. Kubanga guno gwe gujja okuba omukisa gwange gwe nnyinza okuba nagwo ogunaasembayo, nga nkyali wano mu mubiri ogufa guno, okubuulira

Enjiri. Katonda nnyamba okusigala nga nnyimiridde okuba ow'amazima ng'amazima bwe gabeera, eri Ekigambo ekyo, n'okwogera nga Ye bw'agambye.

Kiki ekyaleetera omukazi oli Omumesodisiti…Wali osobola kukimutuusaako otya? Wuuno wano, mu ogwo Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya.

40 Kale, kaakati, tujja kutwala omukazi Omupentekoote. Tateekwa kwambala mpale nnyimpi, okwebbyuula, oba okusalako enviiri ze, wabula atunula emabega ku Mumesodisiti n'agamba nti, "Laba omukazi oyo akola ekintu *gundi* ne *gundi*!" ng'agamba nti omukazi tayambala binu, naye n'agamba nti… kyokka ate ye enviiri azisazeeko. Olaba?

Gy'okoma okwambuka mu Katonda, ekintu kyonna gye kikoma okulabika ng'ekyonoonefu. Ate era olumu mu kusaba, oyinza okuteebereza, Omwoyo Omutukuvu bw'akulinnyisa mu nkulungo emu, olwo buli kintu kyonna kirabika ng'akavuyo. Ate olwo bw'okomawo wansi, eri abantu, obeera muyaaye, nga-nga tolina ky'oli wabula nnamukadde asekererwa. Oba musiru, kubanga oba oyimiridde nnamukadde ow'akasunguyira, bulijjo ng'onenya abantu. Naye n'omala olinnya okutuuka mu nkulungo ezo olunaku olumu, w'osobolera okubeera mu Kubeerawo kwa Katonda (Si mukukyamuukirira, wabula okuyita mu kusitulibwa okwannamaddala okw'Omwoyo Omutukuvu) buli kimu kiba kiwandiikiddwa "ICHABOD." Ekitiibwa kya Katonda kimaze okuva mu kyambalo ky'ekibiina ky'eddiini kyonna. Ekyo bwe kiri. Tewaliiwo n'ekimu ku byo kituufu.

41 Kaakati leka mbakubireyo katono enkulungo. Singa mbadde n'olubaawo… Naye njagala mutunule wano. [ow'Oluganda Branham akuba enkulungo okwetoolooza ekintu ekimu-Omuk.] ŋŋenda kukuba enkulungo emu bw'enti, era ŋŋenda kukola enkulungo endala munda w'enkulungo eyo, ezo bbiri, olwo nkole enkulungo munda w'eyo. Ezo ziba ssatu, enkulungo ssatu. Kati ekyo ye ggwe.

Oyo Katonda. Katonda mu busatu ali Omu, era awatali busatu Ye taba Katonda. Talina ngeri yonna gy'ayinza kulabisibwamu.

Era naawe tosobola kulabisibwa nga toli mu busatu bw'obuntu bwo, nga kiri: omubiri, omwoyo, emmeeme. Awatali ekimu ku byo, tobeera mujjuvu. Mulaba? Singa toba na mmeeme, oba toli kintu; bw'otaba na mwoyo, nga toli kintu; nga tobadde na mubiri, obeera bubeezi mwoyo, so si mubiri.

Bwe kityo, Katonda ajjudde mu bweggassi-bw'obusatu obw'Ekikula; so si obwegassi bw'ebikula, wabula ekikula Kimu mu bwegasi-bw'obusatu. Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu nga ye Katonda omu alabisiddwa ow'amazima. Katonda!

42 Mwetegereze wano, Mulindeemukko, nzikiriza nva kukisoma eddakiika ntono eziyise. Wuliriza kino.

*…eri Malayika ow'ekkanisa ya… Lawodikiya wandiika nti; Bw'ayogera oyo Amiina, omwesigwa era omujulirwa omwesigwa, olubereberye lw'okutonda kwa Katonda;*

Katonda ye Mutonzi. Era ye Yatondebwa atya? Naye luno lwe "Olubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Katonda, Omwoyo bwe Yatondebwa mu kikula ky'Omuntu, oyo ye yali Katonda ng'Atondeddwa; Katonda Omutonzi, Ye mwene ng'Afuuka ekitonde. Katonda, Oyo eyakola obukyafu, yakola ekirungo ky'omunnyo ekya *calcium* ekigumya amagumba, ekirungo ky'omunnyo ekya *Potash*, ekitangaala, amafuta, n'Addira byonna wamu ne Yeetonda Ye Mwene, mu "Lubereberye lw'okutonda kwa Katonda."

"Oyo Amiina," ekyenkomerero. Amiina kitegeeza nti "Kibe bwe kityo". Eky'enkomerero kya Katonda." Katonda bwe yamaliriza okutonda Kwe.

Kaakati kyali kitya? "Tewali muntu yali alabye ku Katonda wonna wonna, wabula oyo Eyazaalibwa omu owa Katonda y'Amutegeeza." Mukifuna?

43 Okugeza, mu kaseera katono, ggwe tewali kupapa. Leka tugende mu Abakolosaayi, okumala akadakiika. Mmaze ga…Ekyawandiikibwa kizze mu ndowooza yange. Leka tugende mu Abakolosaayi, Ekitabo ky'Abakolosaayi, era ofune…Kye nzikiriza y'essuula esooka. Nnina okutunuulira ku kino kubanga tekyalowoozeddwaako wano. N'olwekyo…Nja Nga bwe nnateranga okuba, bwe nnali nkyali mubuulizi muto, nnasobolanga okulowooza ku bintu bino. [ow'Oluganda Branham akuba entoli-Omuk.] kaakati wano, wabula bwe ŋŋenze nkaddiwa mba sikyasobola. Leka tutandikire ku lunyiriri olwo 9, bwe nzikiriza. "Olw'ensonga eno…" Ye Pawulo ng'agamba Abakolosaayi ku kibikwata ku Kristo, Yali Ani.

*"Naffe kye tuva tetulekaayo, okuva ku lunaku bwe Twawulira, okubasabira…,n'okubeegayirira mulyoke mujjuzibwe okutegeeranga by'ayagala mu magezi gonna n'okutegeera eby'Omwoyo,*

*Okutambulanga nga bwe kisaanira Mukama waffe olw'okusiimibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikolwa ekirungi, era nga mukuliranga mu kutegeera Katonda;*

*Nga muyinzisibwanga…, ng'amaanyi ag'ekitiibwa kye bwe gali, olw'okugumiikiriza kwonna n'okuzibiikiriza awamu n'okusanyuka;*

*Nga mwebaza Kitaffe, eyatusaanyiza... eyatusaanyiza...ffe omugabo ogw'obusika obw'abatukuvu...*

*Eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa:*

Kaakati wano tutuuse. Mwetegereze.

*Mwe tubeerera n'okununulwa, kwe kusonyiyibwa kw'ebibi byaffe:*

*Oyo ky'ekifaananyi kya Katonda atalabika...*

Mu kifuna? Olunyiriri olwe 15, Abakolosaayi 1:15

*…Omubereberye w'ebitonde byonna.*

Amiina! Omuki? "Omubereberye w'ebitonde byonna." Leka abeere Malayika, leka kibe kyonna kye kiyinza okuba; Ye mubereberye w'ebitonde byonna.

*Kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu, oba…ku nsi, ebirabika…n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka,…bwami, oba kufuga,…masaza; ebintu byonna byatondebwa ye era ne ku lulwe;*

44 [ow'Oluganda Branham n'afuuwa empeewo ng'azinyisa emimwa gye-Omuk.] Leka kibe ekintu kyonna kye kisobola okuba; tewaliiyo kitonde kirala! Mwetegereze, "Era mu…era n'olwekyo ye…"

*…naye ye w'olubereberye mu byonna era ebintu byonna bibeerawo mu ye.*

Leka abeere Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu, kyonna kye kiri, "Ye w'olubereberye mu byonna." "Ow'olubereberye mu byonna eby'omu Ggulu, ku nsi; ebirabika n'ebitalabika, oba ekintu kyonna," Omwana wa Katonda ono eyasooka ebintu byonna. Si bwe kiri? Sifaayo oba bwami, bufuzi, kyonna kye kiri; ntebe z'Obwami obw'omu Ggulu, bwakabaka, na kyonna kye kiyinza okubeera mu mbeera ez'obwa Katonda ebusukka, mu Butaggwaawo eyo gye kyali; kyonna kye kyali, Bamalayika, bakatonda, kyonna kye kyali, "Ye w'olubereberye mu byonna." Amiina! Temusobola kumulaba? "Yaliwo ng'ebintu byonna tebinnabaawo; era naffe twatondebwa Ye. Ye…" Olunyiriri olwe 17.

*Ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye.*

45 Tewali kisobola kubitambuza okuggyako Ye. Oba Katonda Kitaffe, Katonda Omwoyo Omutukuvu; oba nga Bamalayika, Amasaza, obuyinza, obwami; kyonna kye kiri, ebintu byonna y'Abitambuza. "Ebintu byonna bibeerawo mu Ye." Ye!

Era Oyo gwe mutwe gw'omubiri, ye kkanisa: oyo lwe lubereberye-oyo lwe lubereberye, omubereberye ow'omu bafu (oyo ye, azuukiza kye Yajja okununula);

*ye alyoke abeerenga ow'olubereberye mu byonna.*

Abeere *"n'okufuga"* mu mitima," mumanyi kiki kye kitegeeza? Ekyo, "waggulu wa byonna." Ye Afuga ebintu byonna ebyali bitondeddwa; Malayika yenna, buli kiramu kyonna, buli kintu kyonna ekiriwo. Ali waggulu w'ebintu byonna. Kitonde nabaki Kino? Ayinza kuba Ani? Waggulu w'ebintu byonna! "Bwe yamala okuleeta emirembe…" Leka tulabe, mu kadakiika. Okufuga…

*Kubanga Kitaffe yasiima okutuukirira kwonna okubeeranga mu ye;*

"Okutuukirira kw'ebintu byonna." Okutuukirira kwa Katonda kwonna, okutuukirira kwa Bamalayika kwonna, okutuukirira kw'ebiseera kwonna, okutuukirira kw'Obutaggwaawo kwonna; Buli kimu kyali mu Ye.

Oyo ye Muntu ono.

*Bwe yamala okuleeta emirembe olw'omusaayi gw'omusaalaba gwe; mu ye okutabaganyisa oba eby'oku nsi oba eby'omu ggulu.*

Wuuyo awo ow'Ekitalo oyo gwe twogerako "*Oyo olubereberye lw'okutonda kwa Katonda."*

46 Kale, kaakati eyo, Ekkanisa, ekigendererwa Kye kyonna yali Kkanisa. Kaakati tuyingira tutya mu Kkanisa eno? "Okuyita mu Mwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," Ekkanisa, Omubiri gwa Kristo. Tegusobola kulemererwa.

Kale, kino ky'ekibeerawo. Kaakati kino kyetegereze bulungi, mu kifaananyi ekikubiddwa wano. [ow'Oluganda Branham nate alaga ekifaananyi eky'enkulungo essatu -Omuk.]

Kaakati, omuntu ono ow'okungulu gwe mubiri. Ekyo kye tutunuulira; kye tulaba. Era kirina emikutu etaano ku mubiri ogwo. Na buli muyizi mu ssomero lya ggulaama, nga nze mwennyini, amanyi nti omubiri gufugibwa obusimo butaano; okulaba, okuloza, okukwatako, okuwunyiriza n'okuwulira. Awatali ebyo tosobola kukwata ku mubiri. Eyo y'engeri yokka gy'olinamu omubiri; okulaba, okuloza, okukwatako,

okuwunyiriza, okuwulira; okiraba, okirozaako, okukwatako… Kaakati ekyo kye kikyamu, ekiri ku ngulu.

47 Kaakati munda awo gwe mwoyo, ekyo ky'obeera bw'ozaalibwa ku nsi omukka gw'obulamu ne gukuteekebwamu. Omwoyo ogwo gwa butonde bwa nsi kubanga tegukuweebwa kuva wa Katonda, wabula Katonda (guweebwa) yaguganya. Kaakati ekyo okifunye? Kubanga, buli mwana azaalibwa mu nsi, "azaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu kwonoona; n'ajja ku nsi ng'ayogera obulimba." Si bwe kiri? N'olwekyo, mu kusookera ddala, omuntu oyo ow'omunda eyo mwonoonyi. Kati, wabula…

Kale nno kirina emikutu etaano. Era emikutu egyo giri etaano…Simanyi oba nga nsobola okugyatula kaakati. Olu... kye mmanyi ekisooka, ky'ekirowoozo, okulumirizibwa, okwagala n'okusalawo… Nedda. Okulumirizibwa, okwagala, okukubaganya ebirowoozo…Waliwo emikutu etaano eri omwoyo. Tosobola kulowooza na mubiri gwo; olina kulowooza na mwoyo gwo. Tosobola kubeera na kulumirizibwa mu mubiri gwo. Tekulina ndowooza ya mu bwongo yadde; omubiri gwo tegukirina, n'olwekyo olina kulowooza na mwoyo gwo. Olina okukubaganya ebirowoozo. Tosobola kukubaganya birowoozo na mubiri gwo, kubanga okukubaganya ebirowoozo tekulaba, tekuloza, tekukwatako, tekuwunyiriza, oba okuwulira. Okukubaganya ebirowoozo ky'ekyo ky'osobola okukola mu ndowooza yo. Bw'oba weebase, oba ng'ofulumyemu, omubiri gwo gubeera awo nga gugalamidde nga gufudde, wabula ng'omwoyo gwo gukyasobola okukubaganya ebirowoozo. Waliwo obusimo butaano obufuga omuntu oyo ow'omunda. Era bwe…

Kaakati, eri omuntu asembayo, oyo nga y'emmeeme, waliwo akasimo kamu akamufuga oyo, era ako kwe…eddembe okwesalirawo oba okugaana.

48 Era ensonga lwaki abantu leero…Kaakati kino tokyerabira, era ojja-ojja kulaba kiki Omwoyo… akabonero akasooka ak'Omwoyo Omutukuvu kye ki? Mulaba?

Kaakati abantu basobola okubeera mu mwoyo ono, basobola n'okuzinira mu mwoyo. Baleekaanira mu mwoyo. Bagenda ku kkanisa mu mwoyo, era basobolera ddala okubeera nga balina Omwoyo wa Katonda owannamaddala ng'afukiddwa ku mwoyo oyo, ate ne basigala nga babula era nga abawambiddwa ba setaani nga bwe basobola okubeera, n'omwoyo oyo.

Kubanga, mwetegereze, y'ensonga lwaki wabadde tosobola kugamba mukazi oli, eyabadde ayambadde empale ennyimpi okuba omukyamu. Nga tosobola kumugamba nti okusalako enviiri ze nti kikyamu. "Kale, enviiri z'ongerako ki? Kale. Zirina kye zaakola eri Samusooni. Mulaba?

"Oyo yenna alyongerako Ekigambo kimu ku Kino, oba okutoolako Ekigambo kimu." Oteekwa okuba ng'olina ekyenkomeredde awantu awamu.

49 Kaakati, okugeza, singa mbadde musajja Mubaputisiti, era n'ojja okuŋŋamba nti nteekeddwa okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo; kiri mu Baibuli. Ekintu ekisookerwako ky'olina okumanya, kye nsobola okukugamba nti, "Nja kubuuza omusumba wange."

Olwo ne ŋŋenda eri omusumba; n'agamba nti, "Oh, ebyo bintu byadda nnyo, mulaba. Weewaawo, laba era ffe Ababaputisiti; kiikino ffe kye tukkiriza; tukkiriza nti tulina okunnyikibwa mu bitiibwa bya 'Kitaffe, N'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Eyo y'engeri ekkanisa yonna gy'ekikozengamu. Okuviira ddala ku John Smith eyagitandikawo, bwe kityo bwe kikolebwa." Kirungi, ekyo ky'ekyenkomeredde kyammwe. "Geraageranya musajja oyo ky'agambye!

50 Watya ng'oli Mumesodisiti era nga okumansirako amazzi y'enkola yammwe ate ne bakugamba nti olina okunnyikibwa? Olaba kye ntegeeza? Oddayo ew'omusumbawo Omumesodisiti, era ajja kuwandiika asabe bisopu, oba nga ddala *gundi* ne *gundi* yayogera bw'ati ne bw'ati ku *kino*. "Wabula ffe, ekkanisa ya Mesodisiti, twagunjibwawo emyaka bisatu oba bina egiyise mu Bungereza okuyita mu John Wesley ne Whitefield n'abalala bangi eyo awamu ne Asbury. Twatandika n'ekiwandiiko kino nga tugoberera John Wesley, nti tulina kumansirwako mazzi, kubanga ako kabonero…kungulu. era tulowooza nti okumansirwako amazzi ky'ekimu ddala nga engeri eri endala." Kasita obeera …owannamaddala. Ekkanisa ya Mesodisiti bw'eba nga ky'ekyenkomeredde kyo, yonna gy'oyinza okugenda.

Bw'obeera Omukatoliki…Nange nja kukubuulira, tekiri mu Baibuli obutalya nnyama ku lw'okutaano, nabuli kimu ku bintu nga bino, ne "wukalisitiya Entukuvu si ke kagaati, kubanga ye Mwoyo," n'ebirala. Ate era mugenda ewa kabona wammwe, kabona n'alyoka akugamba nti, "Kiikino wano, kiwandiikiddwa ddala mu biwandiiko byaffe." Olwo Ekelezia bw'eba nga ky'ekyenkomeredde kyo, tosobola kutwala mulala ky'agambye ng'ensonga enkulu. Ekyo ky'ekiba eky'enkomeredde kyo.

Ai, Katonda, yamba kino kisobole okunnyikira! Gye ndi, ekintu kyonna kikyamu. Ekigambo kya Katonda ky'ekyenkomeredde. Na buli Ekigambo kye kyogera, olwo kiba kituufu.

51 Kale nno, ekkubo lyokka waggulu wano mu nkulungo zino, ky'osobola okuba mu muntu ono ow'omunda; oteekwa kuba nga wayawulibwa edda. Kubanga wali ne Katonda, oli kitundu ku Katonda.

Nnali mu Kitange. Era nga nnali mu jjajjange omusajja, ne mu jjajja wa jjajjange. Olw'ensigo nnali mu ekyo.

Era nnali mu Kristo. Ggwe wali mu Kristo nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Yajja okununula Ababe Ye, Ababe Ye abaali mu Ye. Aleeruuya! Abaana Be abaali mu Ye!

Tajjangako kulokola baana ba mubi. Bo tebalikimanya. Era bakumpanya mu ngeri y'okutegeera kw'amagezi gaabwe, nti mmwe temusobola na kwegeraageranya nabo. Temusobola kwogera kubasinga. Wabula olw'okukkiriza mmwe mukiraba.

52 Kaakati, Ssaayansi teyeetaaga kukkiriza kwonna. Ssaayansi ye akakasa ekyo ddala kye baba boogerako. Tekyetaagisa kukkiriza kwonna.

Kabona Omukatoliki ajja kukugamba nti, "Labayo ebbanga Obukatoliki lye bumaze nga weebuli. Laba engeri gye buwangadde okuwaguza mu busamize." Ekkanisa y'Abamesodisiti bagamba nti, "Tunula wano bbanga eggwanvu kyenkana ki…"

53 Ndabye ekkanisa…yogera ku kabonero ak'obunnanfuusi; bwe nnabadde nga nzija jjo, nnagirabye. Baagambye nti, "Ekkanisa ya Kristo, eyatandikibwawo mu A.D 33." Tennaweza myaka wadde ekikumi, olaba, ekibiina ky'eddiini. Oh, abange! "Enjigiriza y'Abatume"? Tebalina ke balina. Bo Bassaddukaayo ab'olunaku; temuli Mwoyo, nedda…Era tosobola na kubaako ky'obagamba; tosobola na kwogerako nabo; tosobola na kukubaganya birowoozo wamu nabo.

Kubanga, ffe tusukka okukubaganya ebirowoozo. Anti "Temwesigamanga ku ndowooza zammwe." Okukkiriza kkwo tekukubaganya birowoozo n'akatono. Okukkiriza kukikkiriza bukkiriza.

Bagamba nti, "Kaakati tunula wano, okkiriza nti tulina okukola ebintu bino eby'emabega eyo? Kya busiru! Ekyo…"

Wabula yo Baibuli yagamba bw'etyo. Sisobola na kunnyonyola na ngeri gye kibeerawo, naye kibeerawo. Katonda Yayogera bw'atyo. N'olwekyo tolina ku…sirina na kye nsobola kukugamba ku kyo. Okukkiriza tekukinnyonnyola. Mubadde mukimanyi ekyo? Okukkiriza kkwo kukikkiriza bukkiriza.

54 Yesu yagamba Nikoodemo, okuva mu kakiiko ka…obwegassi bw'ebibiina by'amadiini ak'olunaku Lwe; eyajja gy'Ali ekiro, ng'agamba nti, "Omuyigiriza tumanyi nti Oli muyigiriza eyava eri Katonda, 'kubanga tewali muntu ayinza okukola ebintu bino by'okola ggwe wabula Katonda ng'Ali naye."

Yagamba nti, "Ddala ddala nkugamba nti, 'Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri, tasobola na kulaba Bwakabaka bwa Katonda.'"

N'alyoka amuddamu nga bw'agamba nti, "Nze omusajja omukulu nnyinza okuddayo mu lubuto lwa mmange ne nzaalibwa nate?"

N'Amugamba nti, "Kaakati nnaakugamba ntya eby'omu Ggulu nga tojja na kukkiriza bya nsi?" Mulaba?

55 Olwo olunaku olumu n'alyoka agamba nti, "Okuggyako nga mulidde omubiri gw'Omwana w'omuntu ne munywa n'Omusaayi Gwe, temulina Bulamu mu mmwe." Teyakinnyonnyola.

Abatume abo n'abo abaaliwo mu lunaku olwo, abaali baayawulirwa Obulamu; Ye yabamanya. N'Agamba nti, "Bonna Kitange be yampa balijja. Kye nnina okukola kyokka kwe kumanyisa Eddoboozi Lyange; balimanyi, kubanga endiga ezange zimanyi Eddoboozi Lyange." Era eddoboozi ky'ekigambo ekirabisiddwa. [Ebbanga ejjereere ku lutambi-Omuk.] "Bo bakikkiriza mu ngeri yonna. Bo tebeetaaga Ssaayansi okumala okukakasa ekintu kyonna, oba okubuuza Omussaddukaayo oba Omufalisaayo yenna, oba ekintu ekirala kyonna, ku kyo. Nnakyogedde, bakikkiriza, kubanga endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange."

Era *lino* ly'Eddoboozi lya Katonda mu ngeri ey'ennukuta, kubanga *kuno* kwe Kubikkulirwa kwonna okwa Yesu Kristo, Endagaano Enkadde n'Empya nga biteereddwa wamu. Amiina. Awo we muli.

56 Lwaki? Mugamba nti, "Abantu bano balungi. Kiki ekibafuula..." Kubanga, ekintu kimu, empagi kwe basibiddwa y'ekkanisa. Era omwo…Mujjukira obwa Sande eyayita; wiiki ng'emu eyise; bameka abalimu ne muwulira ku Bubaka *Abafukiddwaako Amafuta mu Nnaku ez'oluvannyuma?* Ndowooza mwenna. Mukirabe, bonna bafukiddwaako amafuta. Emyoyo gyabwe gifukiddwaako amafuta, mu nsi ey'okubiri ey'omwoyo.

57 Kaakati, omukazi oyo asooka agamba… Nedda, tafaayo ku kiki ekkanisa ky'egamba, omuntu yenna kye yagamba. Mbaata ngezi. Alina okuyigirizibwa okuva mu ssomero. Asobola okugateeka ku bbaawe, ate n'alowooza nti mu kukola ekyo mugezi.

Omukazi ono omulala ye "ali bwereere, muzibe w'amaaso, so nga takimanyi." Oh, nga kya kusaasirwa, wabula ekyo ky'ekifaananyi Baibuli ky'etusiigira. Kaakati, agenda ku kkanisa. Omukazi oyo yandisingako, omukazi oyo asobola…Abeera mu bulamu obulungi, nga buyonjo; tewaliiwo kikontana n'ekyo. Katonda

y'Agenda okuba Omulamuzi w'ekyo. Nange simanyi; Siri Mulamuzi.

Nze ndi bubeezi…nvunaanyizibwa ku ekyo Ye ky'andaze. Ekyo abatume kye baayogera nti, "Twogera kye tumanyi, kye twawulira, kye twalaba." Ky'ekyo kyokka kye nvunaanyizibwako. Era ekyo naawe ky'ovunaanyizibwako.

58 Naye kaakati, mulaba, bw'otwala omukazi oyo y'omu…Yakomekkerereza wa? Mulaba? Yazunganga okwetooloola awo. Yawulira, awatali kubuusabuusa; yateekangako ne Ladiyo, emirundi mingi...Eddoboozi lya Katonda emirundi egisinga obungi libaddenga lyogera. Kale, kaakati, labayo, n'ajja mu kakundi kano wano ak'enjigiriza enkyamu, ekika. Amakanisa gonna bika. Buli kintu, ekyo kituufu ddala, byo bisulo busulo, awo abantu we beekuŋŋaanyiza nga bannammemba. Era omukazi ono n'ajja wano; kale, n'aba ng'agyawo bulungi. Kaakati bw'ogenda okumugamba kiki ky'ateekeddwa okukola, tajja kukuwuliriza. Ojja na kukimulaga mu Baibuli; ye tajja kukiwuliriza.

59 Kale nno, muganda wange omwagalwa, mwannyinaze, akagambo kamu oba bubiri nga sinnamaliriza. Ebula eddakiika kkumi na ttaano okufuluma.

60 Kaakati mulabe, njagala okubaako kye mbabuuza. Lwaki omukazi oyo tasobola kukiraba? Lwaki tasobola? Nga bwe kimanyiddwa okubeera mu bwenzi mu mubiri eri bba, nga tawulira musango; talina na kya kwenenya. Mutukuvu nga bwe yali nga yaakazaalibwa, nga tewali na musajja eyali amukutteko.

Kaakati njogera ngeraageranya, omukazi n'ekkanisa. Mutukuvu nga bwe yazaalibwa. Kale, ekyo ddala n'ekkanisa ky'eri, nga bwe yazaalibwa, wabula nga "yazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu kwonoona, n'ajja nga..." Mulaba kye ntegeeza?

Kaakati ggwe omugamba nti kikyamu ye okusalako enviiri ze; Baibuli bw'egamba. Kikyamu ye okwambala empale ennyimpi, Baibuli bw'egamba. Asobola okukugamba nti, "Tekiriimu nsa." Lwaki? Eky'enkomeredde Kye tekiri wansi *wano*, mu muntu oyo ow'okusatu, emmeeme eyo eyateekerwateekerwa n'esindikibwa okuva ewa Katonda. Wabula eky'enkomeredde kye ky'ekibiina wabweru *wano*, omuntu omu ky'ategese wabweru wa Kino. Mukiraba?

61 Naye Ekigambo kya Katonda bwe kiba munda mu mmeeme eyo, egamba nti, "Amiina! Nkiraba!" Esimbira ddala wamu nakyo. Kati mutunule wano. N'olwekyo omuntu eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda…

Mulabe, *guuguno* omubiri ogw'okungulu. Era ndi mukwogerera mu kibiina eky'ekintabuli, nga ŋŋenda kwogera nga-nga musumba wammwe, nga muganda wammwe. *Guuguno* omubiri ate nga munafu, nga gusibiddwa oku…Akakyala akatono katambula emmanga mu luguudo; ne wabaawo omuvubuka omulenzi omuto nga bali mu myaka gye gimu, ng'omulenzi ali mu myaka nga kkumi na musanvu, kkumi na munaana, abiri, abiri mu etaano, asatu, n'ayingirawo awo...N'omukyala ono omuto n'ajja, nga bw'anyigootola omubiri gwe, ng'ayambadde engatto z'akakondo; nga yenna bw'agenda yeesindika mu maaso n'emabega; nga n'ekiteeteeyi kye kiri waggulu w'amaviivi, oba ng'ayambadde empale y'ekinu. Mubadde mumanyi nga Baibuli yagamba nti ajja kweyisa bw'atyo? Mumanyi, Baibuli egamba nti yeeyo engeri gy'ajja okweyisaamu, engeri gy'agenda okubaamu omugwagwa.

62 Mwakisomyeko kino wano, mu lupapula lwa *Readers Digest* olw'omwezi guno nti, "Abasajja n'abakazi b'olunaku luno, abawala abato, okuva ku myaka abiri oba abiri mu etaano egy'obukulu batuuse mu nsonga z'ekikyala okukukoma," ekintu ky'olina okugendamu mu myaka gy'obulamu egittuludde, okusinziira ku Ssaayansi, wakati w'emyaka abiri n'abiri mu etaano. Kyateranga kubeera wakati w'asatu oba asatu mu etaano mu b'emyaka gyange. Ate mu myaka gya mmange, omukazi teyakituukangamu nga tannaweza myaka ana oba ana mu etaano.

Kye ki? Kiri okuyita mu Ssaayansi, n'emmere, bimaleeto ebyo bye bikyamizza enkola y'omubiri okutuusa nga fenna tuli ntuumu ya kuvunda. Kale, omubiri ogw'obuliwo bwe gwonoonebwa, obutoffaali bw'obwongo tebuli mu mubiri ogwo?

63 Kaakati mugenderere Omwoyo, nagwo bwe gugoberedde. Wajja kujja ekiseera, mu Linnya lya Mukama, abantu mwe bagendera okutabukira ddala omutwe. Baibuli bwe yagamba. Bajja kuleekaanira waggulu era bakube ebiwoobe; ebintu ebibi nnyo ebitiisa nga biri mu ndowooza zaabwe. Amalediyo nabuli kintu, pulogulaamu za Telefayina zaffe, zibiweereza. Wagenda kubaawo ebintu ng'ebiswa ebigenda okujja ku nsi, ebigenda okuba ebiwanvu ng'emiti kkumi n'ena; wagenda kubaawo ekinyonyi kijja kubuuka okwetooloola ensi yonna, nga kirina ebiwaawaatiro mmayiro nga nnya oba ttaano okubyetooloola; n'abantu bajja kubiraba, bajja kuwowoggana n'okuleekaana nga bakaabira okusaasirwa. Wabula bijja kuba bibonyoobonyo. Mulinde okutuusa lwe ndibuulira ku bibonyoobonyo ebyo nga bibembulwa.

64 Mutunuulire kiki Musa kye yakola mu mubiri, so si Mwoyo, bwe Yagamba nti, "Musa…Katonda n'Agamba Musa nti, "Fuluma ebweru eyo," eri nnabbi We nti "Yoola olubatu lw'enfuufu, olukanyuge mu bbanga era ogambe nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, enkukunyi zijja kujja ku nsi.'" Tewaaliwo nkukunyi ku nsi. Ekintu ekisookera ddala omanyi, baatandika okulaba nga waliwo mu bisubi ekintu ekyewalula. Okwetegereza nga waliwo ekintu ekiriwo. Nga wayise akaseera wali tokyasobola na kuziyitamu.

Zaava wa? Katonda ye Mutonzi. Asobola okukola kyonna ky'Ayagala. Ye Musukkulumu. Asobola okukola e-ekinyonyi ekisobola okutuusa-okutuusa ebiwaawaatiro byako okuva ku luuyi olumu olw'ensi okutuuka ku luuyi olulala.

Yagamba nti, "Leka wabeerewo ensowera, zibikke nsi yonna." Tewaaliwo nsowera n'emu mu nsi. Ekintu ekisookerwako okumanya, waalabika ogusowera ogunene ogwa bbulu ne gutandika okwetooloola mu bbanga. Ekisooka, waaliwo nga munaana, kkumi oba kkumi na bbiri. Era ky'olina okumanya, nga tosobola na kuzitambuliramu. Katonda Omutonzi akuuma Ekigambo Kye.

65 Era n'agolola omuggo gwe ku kiragiro kya Katonda, n'agamba nti, "Wabeewo ebikere bijje bibikke ensi." Ebikere ne bijja okutuusa bwe baabikuŋŋaanya, mu entuumu, n'okuwunya ne kubeera buli wamu, oba oli awo fuuti ng'ana oba ataano obugulumivu, nga bikere. Ne mu kabada za-za Falaawo byajjula. Ne bibeera ne mu…nga bw'okyusa essuuka, ng'osobola okusangayo ebikere nga bikumi bitaano, wansi w'essuuka, wansi w'ekitanda, mu mmere. Nga buli we baalaga, waaliwo ebikere, bikere, ebikere. Byava wa? Katonda, Omutonzi, musukkulumu. Ky'Agamba, Ajja kukikola!

N'Alyoka Agamba nti wajja kubaawo ebintu ebitiisa ku nsi. "Enzige nga zirina enviiri ng'abakazi," enviiri empanvu, okulumya abakazi bonna abasalako enviiri zaabwe. "Amannyo nga ag'empologoma; obuyiso mu mikira gyazo, nga ziringa enjaba ez'obusagwa; nga zijja kuluma abantu okumala emyezi." Mulindeeko tutuuke mu kubembula Ebibonyoobonyo ebyo awamu n'Obubonero, n'Ebibwatuka Omusanvu, mwetegereze kiki ekibeerawo. Oh, ow'oluganda, wandibadde oyingira e Goseni ng'obudde obuyingirayo bukyaliwo. Eby'ebweru bino tobifaako.

66 Mutunule wano. Omuwala wuuno wano nga yeenyigootolera mu luguudo; ate n'omuvubuka omusajja omuto; amaaso ge ne gamugwikiriza. Mmemba wa kkanisa. Mupentekoote. Ali kyonna ky'ali. Ky'olina okusooka okumanya nti tewaaliiwo nkondo yonna yakwekwatako munda *eyo*. Ajja kugamba nti, "Hello." Enviiri z'omuvubuka omulenzi ono zirimu amayengo, ng'alabika bulungi, musoobolokofu mu kifuba; oba oli awo agezezzaako okubeera obulamu obulungi. Omuwala n'atandika okutambula okumwolekera ate era nga mubuulizi. Ekintu ky'olina okusooka okumanya…

Kye ki? Ono *wano*, Okwegomba kw'omubiri; n'omwoyo wansi *wano* ate ng'afukiddwaako amafuta nga bw'agamba nti, "Tokikola, tokikola." Naye bagenda kukola ki? Bagenda kutambulatambula awo, nga beekutte baabo nga boolekera. Ky'olina okusooka okutegeera, agezaako kulagaana naye. Omuvubuka omulenzi oyo omusango ogw'obwenzi gumusinga, oba amukutteko oba nedda.

67 Wabula, omwana wa Katonda omwesimbu, eyazaalibwa ogw'okubiri! Amiina! Tosobola kukikola wekka. Tekisobokera ddala eri omuntu ow'omusaayi omumyufu n'atambula mu maaso g'omukazi bw'atyo ne wataba kibaawo. Wabula bwe wabaawo ekiri munda; ekyazaalibwa ogw'okubiri wano!

Wadde omusajja oyo ayinza okuba nga yaleekaana, yayogera mu nnimi, yabuukabuuka, yazina, na buli kimu kyonna ekirala, ng'afukiddwaako n'Omwoyo; ng'akoze obubonero bwonna n'ebyewuunyisa Katonda bye Yayogera munda omwo, n'Omwoyo We! Yesu Yagamba nti, "Bangi balijja gye ndi mu lunaku olwo nga bagamba nti, 'Mukama ssaalagula mu Linnya Lyo? Ssaagoba emizimu mu Linnya Lyo? Ssaakola…"' n'Alyoka abagamba nti, '"Muve Wendi mmwe abaakola eby'obujeemu.'" Obujeemu kye ki? Ky'ekintu ky'omanyi eky'okukola ate n'otakikola. '"Muve wendi mmwe abaakola eby'obujeemu; Sibamanyangako."'

Wabula munda mu muntu oyo, bwe mubaamu ekisiba ekyo, ensigo ya Katonda eyateekerwateekerwa nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo; Sifaayo ku kiki ekibeerawo, yo emunyweza. Mweri butaseguka.

68 Y'ensonga lwaki omukazi oli agenda okwambala ebinu by'empale ebyo. Abalibwa nga malaaya, mu ngeri yeemu g'omukazi ddala ali mu kikolwa. Mulaba? Aba tamanyi nti omwoyo ogwo…Amanyira ku ki? Eky'enkomeredde kye.

Eky'enkomeredde kye ki? Ky'ekigambo ekisembayo. Eky'enkomeredde ye Amiina. Y'enkomerero y'okulwana kwonna, eky'enkomeredde kyo.

Era ekkanisa yo, eya Pentekoote, ekugamba nti, "Enviiri empanvu n'ebiringa ebyo bya buzoole. Olina mupiira ogutaasa mu buzibu singa wabaawo ogwabise, emabega w'omutwe gwo," n'ebiringa ebyo, ebintu ebyo, omusajja abeera aliko omuzimu.

Kubanga Ekigambo kya Katonda kyagamba nti, "Kya nsonyi omukazi okusalako enviiri ze. Aba aswaza omutwe gwe." Bw'atassa kitiibwa mu bba ng'ate bba y'Ekkanisa, nga n'Ekkanisa ye Kristo, abeera munnaddiini malaaya omuswavu; ali obwereere, so nga takimanyi. Ali bwereere! Baibuli teyagamba nti, "Ekyambalo ky'omukazi eky'okwebikkako z'enviiri ze"? Enviiri tezaamuweebwa olw'ekyokwebikkako?

69 Olunaku lumu, ebusukka Ewasalirwa Omusango! Ngezezzaako okukuyiwamu eddagala, ne ndikwatira nako n'emikono gyange, naawe n'oliwandula butereevu emabega wakati w'engalo zo. Katonda Ajja kubasalira omusango olunaku lumu. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tebadde ntuumu ya busirusiru

oba nnamukadde omulalu eyeekoza yekka. Si bwe kiri. Kubanga ky'Ekigambo kya Mukama.

Era Omukristaayo owannamaddala omwesimbu, ye ajja kukkaanya n'omuntu oyo ow'omunda, Omwoyo oyo eyali emabega eyo ebusukka ku lubereberye, ng'ekyo ky'Ekigambo.

Nga bwe Yali obujjuvu bwammwe mwenna. Mwali mu Ye emabega eyo ebusukka ku Kalivaaliyo. Yakimanyirawo nga wali wakubeera wano. Kye Yakola kwali kuweereza ekyalina okubaawo. Era ggwe wali mu Ye; wafa wamu Naye. Wafa eri amalala go, wafa eri emisono gyo, wafa eri ensi. Ye bwe…Wafa Naye e Kalivaaliyo, era n'ozuukira awamu Naye bwe Yazuukira ku lunaku olw'okusatu. Kale, olw'okuba wakikkiriza, kaakati otudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu. Aleeruuya!

70 Awo we muli. Ye muntu oyo ow'omunda. Ow'omunda y'agenda okwatula Ekigambo, yeerippe ku Kigambo nga tafuddeeyo ku kintu kyonna. Tolina bw'okyewala. Ekyo nnakiyiga emyaka mingi egiyise.

Omwana wange omuto agalamidde awo, ng'afa. Nga ne mukyala wange agalamidde wano mu… agalamidde mu gwanika nga bamukubye n'eddagala. Bwe Bampita nga ne Sharon afa. Ekyo ky'ekimu ku bikemo ebizibu bye nnali nfunye mu bulamu bwange. Nnalina emyaka ng'abiri mu etaano egy'obukulu. Nnafuluma ne ŋŋenda eyo, wabula nga ne Billy Paul agalamidde ku ndebwerebwe y'okufa.

Musawo Sam bwe yajja, yagamba nti, "Bill, sirowooza nti tunaasobola okuwonya Billy. Nange…" N'agamba nti, "Ali bubi nnyo." N'agamba nti, "Bill, mpulira okukusaasira ennyo." N'anteekako emikono gye mu okuginneetoolooza. Ne njogera nti, "Doc, sikyalinamu twanyi twonna."

Nga wayise essaawa mbale, ne mmukubira essimu, olwa muwala wange Sharon, ne mmuddusaayo, ye…okumukebera entunnunsi; oba nga tezinnasirika. Ne bamukuba ekiyiso ku lukizi; ne balusiba, n'alyoka alabisa akabonero k'akafuba n'omusujja gw'oku bwongo. Ekyo kye kyamala.

71 Ne mpaguza okunoonya ekkubo erintuusa mu ddwaaliro; ne ndeka awo emmotoka yange enkadde. Ne nfuluma ne ntandika okutambula okukkirira mu kasenge. Sam wuuno n'ajja mu kisenge ekinene, enkufiira nga emuli mu ngalo, ng'akaaba, n'asuula emikono gye okuginneetoolooza nga bw'agamba nti, "Bill, komawo."

Ne mmubuuza nti, "Kiki ekibaddewo?"

N'agamba nti, "Tosobola kumulaba." N'ayogera nti, "Omwana Afa, Bill."

Ne mmuddamu nti, "Nedda Sam, si mwana owange."

N'agamba nti, "Yee." N'ayogera nti, "Bill, totegana na kumubuuza, Bill. Oba nga an'aba na mulamu." n'agamba nti, "ajja kubonaabona." Nti, "Bulijjo ajja kubeera nga atawaanyizibwa, era ajja kuboonyabonyezebwa obulamu bwe bwonna."

N'agamba nti, "Alina omussujja gw'oku bwongo."

N'ayongerako nti, "Togenda waali okumuliraana; Billy ojja kumutta bw'onookikola."

Ne mmugamba nti, "Sam, nteekwa okumulaba."

N'aŋŋamba nti, "Bill tosobola kukikola, Bill. Nkugaanye.

Kaakati, omanyi kye nkulowoozaako, era oli mukwano gwange na buli kimu,‟ n'agamba nti, ″engeri gye nkulowoozaako,‟ n'agamba nti, ″n'engeri gye nkukkiririzaamu, Bill,‟ n'agamba nti, ″naye tokikola-togenda eri mwana oyo.‟ N'agamba nti, ″Bw'onookikola…Omusujja gw'oku bwongo agulina.‟ Mulaba? N'agamba nti, ″Mu ddakiika ntono ajja kuba ng'agenze, era,‟ n'agamba nti, ″osobola…tujja kumuziika.‟ N'agamba nti, ″Bill, mpulira okukusaasira ennyo.‟

72 Yayita, n'agamba omusawo Nnaansi, abeeko eddagala erimu lyampa. N'agamba nti, "Simanyi musajja bw'ayimiridde."

Nnayimiriramukko awo katono. N'aleeta eddagala. Nnatuula wansi, mu kisenge ekinene. N'agamba nti, "Tuula."Nnaansi n'alireeta ng'agamba nti, "Nnywa lino, ow'Oluganda Branham."

Ne mmuddamu nti, "Weebale. Ne mmala gatuula awo okumala eddakiika." Bwe yavaawo bw'ati, ne ndiwandula mu kakebe; ne nzisaako ekibikka.

Ne ntuula awo. Ne ndowooza, nti, "Ai Katonda, nkoze ki? Oli Katonda mulungi. Lwaki wamuganya okunfiira mu ngalo nga mmukutte emikono gye emitono bw'entyo luli?". Nga mmwegayirira ku lulwe. "Lwaki Wandimulese okugenda? Ne Billy wuuyo awo agalamidde, afa; kyokka ne Sharon wuuno wano, afa. Kiki kye nkoze? Mbuulira! Kale, nange nsobola okugenda nabo."

Nnaggulawo oluggi, ng'awo tewali nnaansi yenna. Ne nzikirira mu kisenge eky'awansi. Ekyaliwo eddwaaliro bwe lyali nga terinnaba kuteekebwawo. Nga ne ndabirwamu tezinnaba kuteekebwamu,

ensowera zaali ku buuso bwako ka bambi. Yalina akatimba k'ensiri nga bwe tutera okukayita nga kamubikiddwaako yenna. Ne ndyoka mmugobako ensowera; nga kagalamidde awo. Amaaso ge amatono, yabonaabona nnyo okutuusa obuuso bwe nga butunula ng'obwendali.

73 Awo Setaani n'ajja ku lusegere lwange, n'agamba nti, "Kozzi wagambye nti Katonda mulungi?"

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, nnakyogedde ekyo."

"Wagambye nti Ye Muwonya? Kale, lwaki kitaawo yakufiira mu ngalo eyo ate ng'omuyita mwonoonyi, bwe wali okoowoola olw'obulamu bwe? Lwaki mugandawo yafiira mu ngalo za mugandawo omulala, erudda eri, ng'ate oyimiridde mu kituuti obuulira, wiiki ntono eziyise.?" N'agamba nti, "Olwo lwaki teyakwanukula? Wagamba Yakwagala n'Akulokola ggwe."

Yali tasobola kuŋŋamba nti tewali Katonda, 'kubanga nnali mmaze okumulaba Ye. Wabula kye yali aŋŋamba, nti Katonda yali tanfuddeeko.

N'agamba nti, "Mukyala wo wuuli wali agaŋŋalamye. Abaana bo mu kaseera akatono bajja kuba eyo. Kitaawo wamuziika dda. Muganda wo wamuziika. Ne kaakati mukyala wo agenda kuziikibwa leero oba enkya. N'omwana wo omulala wuuno wano, afa. Ye Katonda mulungi? Huh? Ye Muwonya?" N'agamba nti, weemazeemu wekka amaanyi!"

74 Kyakola ki? Okuva…kyali kikolera kungulu, kati eri omuntu ono asooka.

N'agamba nti, "Kaakari laba. Omanyi nga bwe wali emyaka mitono egiyise, emyaka ng'ebiri oba esatu egiyise, bwe wali nga tonnaba kukkiriza Kino, abantu baali bakulowoozaako bulungi. Wabeeranga mu bulamu obulungi ate obuyonjo. Na buli muwala yenna omulungi mu kibuga, eyayagalanga okugendanga naawe, mwagendanga, kubanga beewulira nga balungi ate abayonjo." Nnasobola okuyimiriranga mu maaso gaabwe buli omu ku bo. Ssaavumako n'omu wadde okwogera ekintu kyonna. Ng'asobola okweyisa mu ngeri ey'amagezi, ne mmutwala n'eka. Era wayagalwa mu bantu. Kale, kiki ky'oli kaakati? Omuzoole w'eddiini."

"Ekyo bwe kiri. Kye nnali." Mulaba ebintu bino bwe bitandika okutambulira awamu? Ow'okungulu ng'akubaganya ebirowoozo mu mwoyo, ng'atambuza ebintu bino wamu. "Ekyo kituufu Setaani."

"Kozzi wagambye nti Ye Muwonya?"

"Yee. Hum. Weewaawo."

Nga weegayirira, ng'okaaba, nga n'abantu bakugamba nga bwe kitaabadde kkyo, era nti oli wabweru wa lukoloboze. Ekkanisa yo yennyini yakwabulira, olwa Kino. N'ekkanisa yo yennyini eya Baputisiti wansi eyo yakufulumya olw'ensonga y'emu." "Weewaawo."

"Kitaawo yaziikibwa. Muganda wo yaziikibwa. Mukyala wo agalamidde awo okuziikibwa. Omwana wo wuuno wano, eddakiika kkumi na ttaano zijja kuba nnyingi ng'agenze. Era Muwonya? Omubiri gwo n'omusaayi gwo gwennyini; Ekigambo kimu okuva gy'Ali kyandiwonyezza obulamu bw'omwana. 'Ye Muwonya,' bwe wagambye. Abantu bagezezzaako okukugamba. Omubuulizi yakugamba nti wali weetabudde; nga wenna ogudde eddalu; wali ofuuse munnaddiini omuzoole. Ate nga ggwe ogamba nti Ye Akwagala. Asobola okukwagala?

75 "Era nga wakaabira kitaawo! Engeri ekiro ku kiro bwe wasiiba nga ggwe… obudde bw'emisana, bwe walinanga okusaba, osobole okwekakaba okukola. Ate Ye n'Amuleka n'afiira mu mikono gyo, nga mwonoonyi.

Engeri mukyala wo, ng'abadde mukazi mulungi, n'engeri gy'obadde omwagalamu!" Nnyina wa Billy; bangi ku mmwe mujjukira Hope. "Nga yali muwala mubalagavu! Nga mubadde basanyufu, amakage gammwe amatono agali eyo; mulinamu ebibajje bya ddoola nga musanvu oba munaana, nga bibajje bye walina, kyokka ate nga ggwe wamwagala; era ggwe…era mwali mwagalana; ne mugendanga okusabiranga abalala; n'okwewulira okwabakwatanga ne bava awo nga bagamba nti baalinga bawonyezeddwa. Naye kaakati, mukyala wo yennyini, laba wuuyo awo, mufu, luno olunaku lwa kubiri kaakati; alindiridde okwebakira eringi emmanga eyo mu kifo kya ba Scott ne Combs. Akyali Muwonya? Huh?

"Ne katabaniko ka Billy Paul kali ku ndebwerebwe y'okufa nga ka myezi kkumi na munaana. Ne kawalako, ku myezi munaana kagalamidde wano nga kafa omusujja gw'oku bwongo. Ate ggwe wasabye busabi; ne Katonda n'Asika essuuka okugissa nga bw'agamba nti, 'Sirika!' Tawulira era tajja kukuwulira wadde akatono! Akukubye omugongo Gwe. Akyali Katonda mulungi? Huh? Akwagala? Era nabuli muwala gwe wali ogenze naye, nabuli mulenzi gwe wali okolaganye naye, mikwano gyo egisingayo, bonna bakuvuddeko olw'okuba munnaddiini omuzoole."

76 Buli kintu kye yali aŋŋamba gaali mazima. Nga buli ky'ayogera nga kiri ddala mu buufu obwo, mulaba,

*wano.* Nnali awo nga ndi mwetegefu okwogera nti, "Olwo nze, bw'Aba nga Ye bw'Atyo bw'Alina okukola, awo nange sijja kumuweereza."

Nga nnakakyogera ekyo, waaliwo ekintu ekimu ekyava awantu awamu awalala, okuviira ddala munda. Nga kyogera nti, "Okusookera ddala ggwe ani? Mukama Ye Yawa era Y'aggyeewo." Mulabeeyo, oyo ye muntu w'omunda, atakubaganya birowoozo n'akamu.

Nnatunula emabega ne ndowooza nti, "Nnatuuka ntya wano ku nsi? Nnava mu kakundi k'abatamiivu. Wano nnatuukawo ntya? Ani ampa obulamu? Ani yampa omukyala oyo? Ani yampa omwana? Mukyala wange yava wa? Obulamu bwange bwava wa? Ne ndyoka njogera nti, "Wadde ng'anzita nja kusigala nga mmwesiga Ye.

Ne mmugamba nti, "Vva wendi Setaani!"

77 Ne nteeka omukono gwange ku mwana. Ne ŋŋamba nti, "Sharon, mukwano, ŋŋenda kukuteeka mu mikono gya nnyoko mu kaseera katono, Bamalayika ba Katonda bwe banajja okukutwala, wabula olunaku lumu taata aliddamu akulabe. Mukwano simanyi nga bwe kigenda kuba. Sisobola na kukikugamba; bw'Akyusizza omugongo Gwe gye ndi n'atampulira ku lulwo."

Yalese mukyala wange n'afa nga mmukutte n'emikono gyange, nga mmukaabira. Ne Kitange, mu mikono gye, yafiira mu mukono gwange *wano* wennyini; ng'antunuulidde, ng'agezaako okubaka omukka gwe. Era ne nsaba nnyo nga bwe nnasobola. Nnali nsobola ntya okusisinkana abantu nate, okubuulira nate okuwonyezebwa kw'Obwakatonda? Nnali nsobola ntya okubuulira nti Ye Katonda omulungi, kyokka ng'alese Kitange okufa nga mwonoonyi? Ekyo nnali nsobola kukibuulira ntya? Simanyi ntya, wabula mmanyi nga mutuufu Ye.

78 Ekigambo kya Katonda tekiriremererwa. Kijja kuwangula. Si nsonga oba nga kiki ekyo. Olwo ne mmanya nti munda omwo mwalimu Ekintu ekyali mu kukubaganya ebirowoozo kwonna, Ekintu ekyali munda w'okukyamuukirira, nabuli kintu bw'ekityo. Waaliwo Omuntu w'omunda ayali anywezezza mu ssaawa eyo. Tewali kirala kyandisobodde kukikola; buli kukubaganya birowoozo kwonna, buli ekyandiragiddwa, buli kintu kyandikakasizza nti ekyo kyali kikyamu, era nga nange nnali mu bukyamu. Wabula Ekigambo kya Katonda, ekyo ekyateekerwateekerwa nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo, kyali kinywezezza munda eyo.

Nnawulira empewo entono ng'ejja okuyita mu kizimbe. Omwoyo we n'agenda okusisinkana Katonda.

79 Muganda wange, mwannyinaze, leka nkubuulire, ekyo ky'ekintu kyokka. Togezaako okukikubaganyako ebirowoozo. Togezaako kuba na nviiri mpanvu kubanga nnayogedde ntyo. Togezaako kukola bintu olw'okuba omubiri gwo. Togezaako kubikola okugezaako okumanyiira. Wabula Lindirira Mukama, okutuusa nga waliwo Ekintu ekibaddewo munda eyo.

Abangi ku mmwe mulowooza, 'olw'okuba mulina enviiri empanvu, ekyo kitegeeza nti mugenda mu Ggulu. Ekyo tekitegeeza ekyo. Abangi ku mmwe mulowooza, kubanga oli muntu mulungi, mukazi wa mpisa, ogenda mu…?...Ekyo tekitegeeza ekyo. Bangi ku bo balowooza, olw'amakanisa gaabwe, nga bali mu *kino*, ate *bino* ebibiina eby'amaanyi, ne ba dokita b'Eddiini ab'amaanyi. Ekyo tekitegeeza ekyo. Mulaba?

80 Abangi balowooza, olw'okuba nga boogera mu nnimi, balina Omwoyo Omutukuvu. Ekyo tekitegeeza ekyo. Wadde ng'Omwoyo Omutukuvu ayogera mu nnimi. Wabula okutuusa Omwoyo oyo omutuufu, owannamaddala munda eyo bw'anakkaanya na buli Kigambo! Olwo Omwoyo oyo akulimu bw'atunula emabega n'aba nga takkaanya nabuli Kigambo ekisigadde, olwo oyo abeera mwoyo mukyamu. Mukiraba?

Ekyo kirina kuva munda, era nga ky'Ekigambo, okuva ku Lubereberye. "Ku lubereberye lw'okutonda kwa Katonda," Katonda bwe yatandika okutonda, laba ng'Akuleeta okubaawo. Watandikira mabega eyo nga ensigo, n'ojja ng'okolebwako okutuusa awo w'oli kaakati. Era, awo, mwenna mwali mu Kristo. Olwo Kristo bwe yafa, Yafa kununula mmwe mwenna. Era muli kitundu ku Kigambo *kino*, olwo kisoboka kitya… Baibuli, yonna wamu! "Kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri; wano katono, na wali katono." Anti "Era tewali wadde akatonnyeze oba akatundu akagenda okulemererwa." Kisoboka kitya ggwe ali mu nsi, ggwe ekitundu ku Kigambo ekyo, ate n'otakkaanya n'Ekigambo ekisigadde, oba ekitundu kyonna ku kyo?

81 Mukama abawe omukisa. Ekiseera kyange nkiyisizzaamu kati. Ssaakitegeezezza kukikola kino, okubakuumira wano ekiseera ekiwanvu. Munsonyiwe okuba nga mbakuumiddewo ekiseera ekiwanvu; wabula ssetonda olw'ebyo bye njogedde. Mikwano, tuli ku nkomerero y'ekintu ekimu.

Mwenna wano, nteebereza, nga muli ba mmemba ba kkanisa. Sitera kutuuka wano mu budde okulaba b'ani abaawo. Kuba akafaananyi nga mwenna mujja wano entakera. Muleke mbabuulira ekyabaddewo. Munaampaayo akaseera, gamba eddakiika nga mukaaga endala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.]

82 Oyo ye Revirandi. Mwami O. Walker wano okuva e Oregon, ayali wano ku Sande eyo lwe nnali wano?

Waliwo omuntu yenna akimanyiiko? Kyabadde ky'amaanyi, ekintu ekipya ennyo.

Bwe Nnajja wano, waaliwo abantu bangi munda, Nze-nze nnalina…Nnalina entuumu y'ebimbuuzibwa, ate nga buli omu agwana; omulenzi waabwe, abaana, abafumbo, abatamiivu ne-n'ebintu eby'enjawulo, era nga bintu ebyali bigwana. Buli omu ku bo nga yeetaaga okulabibwa. Sisobola kukola ebyo byonna. Nze mbawaayo eri Katonda, ne ndyoka mbateekako emikono gyange, mu kusaba. Nnagamba nti, "Ai Katonda, Nze-nze sisobola kukikola. Batuukeko, Mukama, okole…Ggwe omanyi engeri y'okukikolamu. Nsabira buli omu."

83 Billy yampita, ne ndyoka nnyingira n'Ow'oluganda Banks. Yagamba nti, "Taata singa…"

Era laba, Nze ndaba abantu olumu nga bayitawo awo nga bavuga ebiseera ebimu, mu kkubo, bwe ntunulayo. Ne mbatunuulira, ne mbawuubirako bw'entyo, era kumpi ba-bakyusa emitwe gyabwe. Bambi ssaagala mmwe mukole bwe mutyo.

Olunaku lwa luli bwe baali bangulira ekifo ekyo mu Tucson, nze okubeeramu, ow'Oluganda Tony yalina ekifo engulu eyo kye yali ayagala okungulira, emirundi ng'ena oba etaano, okusinziira ku muwendo gw'ekifo kino kye gugula. Yayagala okukiteekamu enkumi za ddoola eziwerera ddala, ye mwene. Wabula ng'engeri ey'okuyingiramu eyo, omukuumi ng'ayimiridde awo wabweru. Nga kinene…Kale, kwongereza ku ekyo enky'engulu. Naye omuntu yenna…Abantu bano ababeera awo, okukukkiriza olina okuba n'olukusa oluwandiike, olwo omukuumi ono n'alyoka akuyita okulaba ng'olukusa lutuufu bo okusobola okuyingira.

Ne ŋŋamba nti, "Muyinza okukubamu akafaananyi, nze, baganda bange ne bannyinaze abajja gye ndi, nga baagala okunsikako mu mukono n'okunsabira omukisa gwa Katonda, muyinza okuteebereza nga nzenna nneetaddeko olukomera, Tony?"

N'agamba nti, "Kale, olina…"

Ne ŋŋamba nti, "Tony engeri ekkanisa n'abantu baayo bonna gye batasobola kujjamu awo," Nnagamba nti, "abo be bantu abalina buli kintu kye baagala nze nkole."

Bo, bagamba nti, "Kale, Katonda yaŋŋambye. Aleruuya! Ŋŋenda kubeerera ddala wano. Ekitiibwa kidde eri Katonda! Mukama yaŋŋambye nti mulina okukola wano olukuŋŋaana mu kibiina kyaffe. Yee, ssebo, ekitiibwa kidde eri Katonda! Katonda ye yaŋŋambye ekyo. Bwe mutakikola, ow'Oluganda Branham nga mazima museeseetuse." Nze nga ndi omwo, mulabe, nga ngezaako okuyiga. Mulabe ng'ekyo bwe kiri. Era abantu bangi abalungi ekyo kibalemesezza okuyingira, olw'ekyo.

84 Kiringa omuntu afulumye okugenda okuyigga mu ffaamu. Omulimi n'agamba nti, "Yingira. Osobola okuyigga." Bw'oyingirayo, n'okuba emu ku nte ze; akamyu ne kaddukira wansi w'ente, era n'akamyu n'okakuba, mu ngeri yonna. N'otuuka ku lukomera, mu kifo ky'okugenda ku mpagi Owalampe ng'omuntu mulamu bwe yandikoze; n'owalampa olukomera n'olukutulakutula bw'otyo. Mulaba? Olwo ajja kukugamba nti, "Ekifo nja kukiddaabiriza!" si-simunenya n'akamu, wadde akatono. Kale kiki ky'akola? Alemesa abayizzi abantu balamu okuyingira. Bw'ekityo bwe kibeera. Ekibi bulijjo ky'ekiremesa ekirungi okulabika. Bwe kityo.

85 Kaakati, bo abantu bwe bali, enkumi n'enkumi balina obwetaavu ate nga bantu balungi, balina okwagala, nga bajjudde ekisa kya Katonda.

Kaakati tulina kino, abantu bano nga bwe bajja bwe batyo. Ffe tetukyagala, tetwagala ekyo, nedda. Wabula omuntu ono ajja…

Billy n'agamba nti, "Taata kkirira emmanga kaakati, mangu ddala," N'agamba nti, "Mukyala Waldorf ali mmanga eno n'abantu abalala bafa; olina kubalabirawo lumu." Ne ndyoka nziruka okuyingira; okukkirira wano.

Bwe nkomawo, ne bagamba nti, "Tewaliiwo muntu yenna okuggyako omusajja eyeebakira ku luuyi olumu lwokka eyo, ku katto buli lunaku, ku ludda lw'ekizimbe." N'agamba nti, "Ayagala omusabire." Ne ndyoka njogera nti, "Kirungi." N'agamba nti, "Nja kumuyingiza." Ne nnyingira.

Ndowooza awo waaliwo, emmotoka y'ekika kya Cadillac emabega awo nga esimbye, oba emu ku mmotoka ennene. Gye nnavugamu awo…Omusajja oyo n'agamba nti, "Oliyo otya." Yali tammanyi.

Ne ntambula okuyingira. Mwannyinaffe Waldorf, omunaku waabwe, n'ayingira. Mumanyi, nga bwe yali…

Mumanyi ensonga ye, si bwe kiri? Mulabe, nga yalina Kkookolo; n'afiira mu lunyiriri lw'okusabira, nga wabulayo essaawa nga nnamba okumutuukako. Omusawo we yajja, n'alaga… Gy'emyaka nga kkumi na munaana egiyise, Kkookolo yali mu mutima, mulaba, naye kaakati mumulabe nga leero mulamu. Leero abeera mu Arkansas.

Mu biro ebyo yalinga mu Phoenix. N'alyoka agamba nti ,"ow'Oluganda Willie, nnakyawa okumala

gayingira bw'enti, wabula,” nti, “Mbadde sirina kifo wakubeera. Bo…Kino kye baagambye eki…omukazi ono agenda kufa. Oh, ow'Oluganda Willie!”

N'agamba nti, “Mbadde njagala kukuleeterayo ekiweebwayo ekitono mu mukono gwange, ow'Oluganda Willie,” n'agamba nti, “naye nga saasobodde kukikola. Wabula nnaterese mu kakebe emmere ekoleddwa mu nkenene.”

86 Oh, bwe nnayambukayo eyo ne ndaba emmere eyali mu bulabirwamu nga buteereddwa eyo Nze… yalabika nga ntukuvu nnyo nze okugirya. Mukiraba? Omukazi oyo omukadde omutono omwagalwa, emyaka nga nsanvu egy'obukulu. Ne njogera nti, “Mwannyinaze Hattie…” Nze-nga sisobola kugamba nti nedda. Nedda. Yesu yamulaba nnamwandu oyo ng'ateekamu amapeesa asatu, era Na-Na-n'Amuleka. Mukiraba? Nedda. Katonda Ajja kukimuweera omukisa. Weewaawo.

Ne Katonda n'Awonya omukazi, n'Amuwonya byonna bye yabadde nabyo., n'abikkulira omusumba we, ekyo ye kye yabadde nakyo mu ndowooza ye, n'ekintu ekirala ky'ateekeddwa okukola. Era oh, bonna ne bafuluma nga baleekaana.

87 Awo Billy n'ayingira ng'adduka. N'agamba nti, “Taata omusajja oli agenze. sisobola…”

Ne njogera nti, “Ani oyo ali mu mmotoka ebweru?”

“Oh,” n'agamba nti, “Waliwo omusajja avudde mu Oregon, ng'agamba nti alina ekirooto kye yafunye. Nange ne mmugamba nti, ”Ssijja kukuwa ssuubi lya bulimba. Waliwo wano abantu ebikumi bisatu kaakati abalindiridde kaakati.“ Era n'agamba nti, ”Era ne mmugamba nti, 'Ekirooto kiwandiike buwandiisi.' Ne mmugamba nti, 'Nnina entuumu yaabyo wano, mu ngeri yonna, era n'ekikyo nja kukyongerako.'“

Ne mmugamba nti, “Mukkirize okuyingira. Omuwe eddakiika ttaano.”

Kale, amangu ddala omusajja olwayingira, eddakiika ttaano? N'agamba nti, “Nze Rev Walker,” kye ndowooza erinnya lye bwe lyabadde, “okuva mu Oregon.” Ndowooza wa kibiina kya ddiini ekirala, nga simanyi, Mupulesibeteriyani oba ekintu bw'ekityo ekyabapulesibeteriyani.

N'agamba nti, “Nnakusisinkana emyaka ng'abiri egiyise. Bwe nnajja ku Grants Pass eyo ggwe gye…” Si Grants Pass, naye erinnya ly'ekifo ndyerabidde. “Eyo,” n'agamba nti, “ensi yonna, nga kijjudde, ng'emitwe emikulu mu mawulire, buli nkya.” N'agamba nti, “Buli muntu yakimanyaako.” N'ayogera nti, “Nga sisobola na kutuuka mu kizimbe mwe wali, wabula nnakulaba ng'oyambukayo. Era olumu nga ndi ku luguudo, nnayambukayo,” n'agamba nti, “abantu nga bana oba bataano bakwetoolodde bakusika mu mukono. Era ggwe…nze nnakugamba nti nnali ow'Oluganda Walker era naawe n'ombuulira kye wali.” N'agamba nti, “Twayogerayo ebigambo ebitonotono, olwo abasajja basatu oba bana abanene abaali naawe nga bakuggyawo.” Yagamba nti, “Ssaali mu abo abakukolokota, ate nga siri ku lulwo.” N'agamba nti, “Ssaabitegeera.”

88 N'agamba nti, “Kyagenda bwe kityo okumala emyaka emitonotono era oluvannyuma lw'ekiseera ekitono,” n'agamba nti, “Nze…omusajja omu yansaba okujja okuwuliriza entambi ezimu, emyaka ng'esatu egiyise.” Era n'agamba nti, “Omusajja n'azannya entambi. Era bwe yakikola, n'agamba nti, ”Nnamuwulira ng'ayogera.“ Era n'agamba nti, ”Omusajja ono n'akkiriza, nti ggwe wali nnabbi. Ne njogera, nga ŋŋamba omusajja nti, 'Simanyi bintu ebyo; ku kye mmanyi kiyinza okuba.'“

Awo n'alyoka ayogera nti, “Ne wabaawo omusajja omulala eyajja mu kibuga kye waffe, nga yalina olukuŋŋaana era ne mmusisinkana. N'agamba nti, 'Ndi nnabbi wa Mukama w'olunaku luno.'”

Yagamba nti, “Basajja mmwe muli bameka abaliwo, mu ngeri eyo? N'agamba nti, ”Nze-nze- mpulira omusajja awuliriza entambi ng'agamba nti, “William Branham, emabega eyo mu buvanjuba, yali nnabi w'olunaku,” n'ebintu ng'ebyo.'“

N'agamba nti, “Omusajja ono…” Sigenda kwogera linnya lye wano, 'kubanga teriwulikika bulungi, mulaba. “Era n'agamba nti, 'Mmanyi William Branham,' n'agamba nti, 'wabula naye wabulimba mu Njigiriza ye.' N'agamba nti, ”Si Mupentekoote; takkiririza mu bukakafu obwasooka.' Ekintu ekirala agamba nti waliwo bannabi abakulu n'abatali. Tewaaliwo kintu ng'ekyo.' N'agamba nti, 'Oli nnabbi oba si ekyo toli, ekyo bwe kiri.'“

89 N'agamba nti, “Kale, mukulu, siri…kuwakana naawe ku ekyo. Ŋŋambye bugambi nti nnawulira ng'omusajja ono ayogera, William Branham…nti omuntu ono yagamba nti ye nnabbi.'” N'agamba nti, '“Awo ne nneewuunya bameka abaaliwo.'”

“Ye n'agamba nti, 'Naye njagala okimanye kino. Nze nnabbi w'omulembe guno.”

N'agamba nti, “'Kale, oli?'” N'agamba nti, “'Mukama akuwe omukisa era abeere naawe.'”

N'agenda mu maaso, n'atakissaako mwoyo. N'agamba nti yeeyongerayo n'enkuŋŋaana ze mu

baganda be, nga ssatu oba nnya. Era n'akkirira awasindikirwa amabaluwa n'abagamba nti, "Temukyusa mabaluwa gange. Mugalekeewo okutuusa lwe nnaakomawo, nga wayise ennaku nnya oba ttaano."

"Kirungi," bwe baamuddamu. Ne bateekako akatikiti kungulu obutakikyusa. Nnakkirira n'alaba muwala we.

Bwe yali afulumayo, n'abaako ekkanisa we yayimirira era awo we yalina olukuŋŋaana lwe olw'ekiro ekyo. Amakya agaddako n'agamba yalowoozezza nti, "Genda ofune byonna ebyakuweerezeddwa." Bwe yakikola, ebbaluwa emu yali evudde mu posita n'etuuka ewa muwala we; muwala we yali aweererezza wamu.

90 N'agibikkula. N'agamba nti, yali musajja. Mwami Hildebrandt, mukwano gwange, ye yali omusajja eyalinga azannya entambi. N'agamba nti Mwami Hildebrandt yalina ekigambo okuva ewa Roy Borders, (ate oyo y'omu ku bakulira be mumanyi obulungi), nti nnali ŋŋenda kuba n'olukuŋŋaana emabega wano, okutandika ng'abiri mu munaana okuyitiramu ddala okutuusa nga lumu, ajja kukoma yeerabireko.

N'agamba nti, "Kaakati tunula wano, abasajja nga bagezaako okumpalula okunteeka mu kintu ekifaanana bw'ekityo!" Mulaba? Yakwata ebbaluwa n'akanyuga mu kasero k'ebisasiro era ye ne yeeyongerayo, laba bw'atyo. N'ayingira munda n'akola olukuŋŋaana ekiro ekyo. Era n'amakya agaddako…

Olwo n'atandika okuwanirira omutima gwe, okukaaba, wano ddala mu kisenge.

91 N'agamba nti, "Mwami Branham, ntegedde nga nnina okuyimirira mu maaso ga Katonda." N'agamba nti, "Simanyi oba nga nnali nneebase aba kyali kiki ekyabaawo." N'agamba nti, "Nnaloota. Nja kugamba nti nnali nneebase ne ndoota."

N'agamba nti, "Nnalowooza mutabani wange, mu katale, ng'omukono gwe guli mu nsawo." Era n'agamba nti, "Bwe yakikola, yali nsawo eya zi Apo, naye zonna ne zeekyusa." N'agamba nti, "Bwe nnagenze okuzitoolamu, zonna zaabadde za kiragala, buli emu nga nnumeko." N'agamba nti, "Nnabadde nzironda, ate nga bwe nzizzaamu mu nsawo." N'agamba nti, "Ezimu nga bwe zeeyiringula waggulu ne wansi. Olwo ne ŋŋenda okugezaako okuzifuna, wansi… ku muddo" N'agamba nti, "Nga zeeyiringulira ku lukomera luno olwa sseŋŋenge. Era mwabaddemu oluguudo olulungi oluyitamu. Ne ntunula ebuvanjuba era ne njogera nti, "enjegere z'abadde zirina amalobo agakutte mu lwazi olunene ebuvanjuba. Nange ne ŋŋenda emabega eyo, ne ndowooza nga nsobola okussa wansi olujegere luno, olwo ndubuuke, nsobole okufunira omusajja zi Apo." N'agamba nti, "Ne ntandika okussa wansi olujegere."

92 N'agamba nti, "Eddoboozi lyanyeenya ensi yonna." N'agamba nti, "Ensi yanyeenya wansi w'ebigere byange." Era n'ayogera nti, "Oluvannyuma ng'ebirese eby'okunyeenya, ne mpulira Eddoboozi." N'agamba nti, ow'Oluganda Branham, lyali ddoboozi lyo," yagamba nti, "Nnalimanya; waaliwo ekintu ekyayogera ekyo." Yagamba-yagamba nti, "Lyayogera nti, 'Nja kuyita mu kakubo kano nate!"

Era n'ayogera nti, "Ne Nnatandika okutunuulira Olwazi, bw'enti era ne ntunula, okusukka ebire. Waggulu ddala eyo, ng'ayimiridde ku lwazi olwali luva ebuvanjuba okutuuka ebugwanjuba mu kikula ky'akasongezo bwe *katyo*, nga piramiidi, ng'adduka okugenda ebuvanjuba era," n'agamba nti, "Ng'oli awo oyimiridde, ku mbalaasi efaanana ekintu kye sirabangako mu bulamu bwange; embalaasi ennene enjeru n'amatandiiko gaayo nga meeru galeebeeta." Era n'agamba nti, "Wali Oyambadde ng'omukulu w'Abayindi n'ebintu byonna Abayindi bye bakozesa." N'ayogera nti, "Yalina eky'oku kifuba; ebikomo ku mikono, n'okukka wonna bw'otyo." N'agamba nti, "Emikono gyabadde giri waggulu *bw'egityo*." Era n'ayogera nti "Embalaasi ng'eyimiridde awo ng'eyomu lutalo, ng'ekasuse oluta lw'amagulu g'emabega bw'eti ng'etambula," nga nze nnyimiridde butengerera. N'agamba nti, "N'osika ebiguwa n'ovuga ng'ogenda ebugwanjuba."

93 N'agamba nti, "Bwe nnatunula wansi eyo, waali wajjuddeyo bannassaayansi." Era amakya agaddako… lwali lwa Mukaaga. Ku makya agaddako, nnabuulira ku bannassayansi, mumanyi omuntu okuba owa Setaani. Era n'ayogera nti, "Bannassayansi baali bayiwa ebintu mu midumu era nga babigattagatta." N'agamba nti, "Wayimiriza embalaasi, n'oddamu okuwanika emikono gyo, n'oleekaana, 'Nja kuvugira mu kakubo kano nate!" n'ayogera nti, "Ensi yonna yanyeenya. Abantu abo ne banyeenyezebwa," n'ayogera nti, "baatunula waggulu ne beetunuulira bwe batyo, ne bakutunuulira. Ne bakuba obubegaabega bwabwe. Ne bagenda mu maaso n'okunoonyereza kwa Ssaayansi waabwe." N'agamba nti, "N'otandika okutambula nga bw'ogenda ebugwanjuba.

"Era bwe kyakola kityo," n'agamba nti, "Ne ndaba omusajja ono eyeeyita nnabbi nga bwe mumanyi," n'agamba nti, "yajjira ku mbalaasi eyali entabule mu langi enjeru n'enzirugavu wamu." Era n'agamba nti, "N'ajja emabega w'embalaasi eno ennene ey'amaanyi." N'ayogera nti, "Eyali," n'agamba nti "waggulu ddala okusukka ebire, era nga n'ekkubo ssi ddene kyenkana awo." N'agamba nti, "Embalaasi eyo yazinira buzinyi ku mpewo eyali ekunta ng'efumuula ebyoya na buli kintu ekiri ku ngoye zo," era n'agamba nti, "olwo amatandiiko n'ekigaali kyakwo nga byewuuba. Omuyigiriza omukulu, embalaasi ennene enjeru, nga etambula butereevu mu lunyiriri." N'ayogera nti, "Omusajja ono n'ajja ng'akuvaako emabega, nga ye ava

eyo nga mu Canada," era omuntu oyo abeera mu Canada. Era n'agamba nti, "Komawo era," n'agamba nti, "n'atwala embalaasi ye entono, ng'agezaako okukoona embalaasi yo ennene okuvaako; nga bw'agikyusa; ng'aleetera bbunwe waayo okukuba …" N'agamba nti, "Tekyakosa mbalaasi nnene; yasigala etambula."

N'ayogera nti, "Olwo mu kaseera mpawekaaga," n'agamba nti, "weekyusa." N'agamba nti, "Ogwo gwe gwabadde omulundi ogw'okusatu bwe wayogedde, wabula ogw'okubiri wagamba nti 'Nti nja kuvuga.'" Era n'agamba nti, "Tewayogera nga bwe wali Oyogedde mu kusooka. Ku luno walagira." N'agamba nti, "Wakyuka omusajja n'omuyita erinnya n'olyoka ogamba nti, 'Vva wano! Omanyi nga tewali avugira mu kkubo lino okuggyako nga Katonda Amwawudde okukikola. Vva wano!'"

94 N'ayogera nti, "Omusajja n'akyuka okwetooloola." Omusajja ampandiikidde amabaluwa." Era n'agamba nti, "Okuyita ku bbunwe w'embalaasi ye," enzirugavu ne kitaka nga zigattiddwa awamu, n'agamba nti, "Ku bisambi by'embalaasi, erinnya lye lyawandiikibwa, n'omukono nga gulinga ddala ku bbaluwa ze. Awo n'alyoka avuga okwolekera obukiika kkono."

N'ayogera nti, "Olwo ggwe ne weeyongera okukkirira; embalaasi eyo ennene n'ekyuka, okutuuka ebugwanjuba nga bwe wali osobola." N'agamba nti, "N'oyimirira n'owanika emikono gyo waggulu *bw'otyo*." Ye olwo n'atandika okukaaba. N'agamba nti, "ow'Oluganda Branham, okulaba ng'embalaasi eyo ng'eyimiridde awo; nga boneti y'emmotoka bw'ebikkulwako nabuli kintu bwe kityo era," n'agamba nti, "ekyokukifuba ekyo na buli kimu nga bitemagana." N'agamba nti, "N'olyoka owanika emikono gyo mu bbanga okumala akaseera katono." N'agamba nti, "Watunula nate wansi, n'okwata ebiguwa n'ogamba nti, "Nja kuvugira mu kakubo kano omulundi gumu nate!'" N'ayogera nti, "Ensi yonna n'enyeenya mu maaso n'emabega *bw'etyo.*" Era n'agamba nti, "Tewaaliwo bulamu bwasigala mu nze; nnagwa bugwi awo ku mabbali g'olwazi. Olwo ne nzuukuka."

N'agamba nti, "Ssebo ekyo kitegeeza ki?"

Ne njogera nti, "Simanyi."

95 Amakya agaddako…Junior Jackson, oyo eyaloota ku piramiidi, nga bwe mumanyi, bwe nnali nga ŋŋenda ebuvanjuba. Ekyo mukijjukira? Yankubira essimu omwezi gumu oba ebiri ng'ebyo tebinnaba. Yalina ekirooto ekyali kimwokya ng'alina okukiŋŋamba. Era ne mmugamba nti, "Billy…"

Waaliwo abantu ng'abiri abaali bayimiridde awo. Yagamba nti, "Junior Jackson, emmanga eyo, yagamba nti, yalina okubabuulira ekirooto ekyo."

Ne njogera mumuyingize, okumala eddakiika nga ttaano."

Yaleeta ne mukazi we munda era n'agamba nti ye mujulizi. Yagamba nti, "ow'Oluganda Branham, nnaloose, nze ne mukyala wange, bwe twabadde wabweru nga tuvuga." Era n'ayogera nti, "Nnatunudde emabega mu buvanjuba era ne ndaba awantu awaabadde wafaanana ng'abebizungirizi."

96 Mulabe, ensi temanyi ekyo kye kitegeeza, nga bwe mumanyi. Mukimanyi nga kigenda mu maaso. Ffe tumanyi kiki kye kiri. Mukiraba? Tukimanyi ng'abo Bamalayika b'omusango, abanoonyereza, mulabe. N'engeri ku Pentagon na byonna, engeri gye bajjamu wansi; n'amagezi gonna, engeri gye basobola okukolamu [ow'Oluganda Branham akuba entoli omulundi gumu-Omuk.] batambula nga kimyanso nga bagenze, okwekulula mu buli kye balina. Mulaba, tebasobola kutegeera kiki kye kiri. Mubaleke balowooze kyonna kye baagala. Babayita ba bizungirizi oba ekintu kyonna. Mulabe nga tebakimanyi.

97 N'agamba nti,"Ne nkiraba nga kijja era ne nkyetegereza. Era kye kyali, yali musajja ku mbalaasi." Era n'ayogera nti, "Yali ajjira mu kimyanso ku mbiro ez'amaanyi." N'ayogera nti, "ne mmulaba nga yali genda kujja mu maaso gange. Nange ne nnyimiriza emmotoka yange, ne ngibuukamu. Bwe kyali kityo," n'ayogera nti "emmotoka…embalaasi yali eyimiridde mu luguudo, embalaasi ey'amaanyi enjeru nga ya lutalo, ng'etambula mu maanyi." Ekyo kye Kigambo mu buli ngeri, nga bwe mumanyi ng'etambula mu maanyi.

N'agamba nti, "Kwaliko omusajja eyali atuddeko." N'agamba nti, "Ye yali ayambadde mu ngeri y'abantu ab'ebugwanjuba; teyali mulunzi, wabula," n'agamba nti, "ng'alabika ng'omukulu w'abakuumi b'ebibira oba ekintu bwe kityo." Laba obuyinza bwe bwonna, okuva ebugwanjuba; Abayindi ku bannaabwe; mulaba, ku bakuumi b'ebibira. Era n'agamba nti, "Omusajja enkufiira ye yali agiggyeeko era ng'alina…ng'atunula eruuyi n'eruuyi." N'ayogera nti, "Bwe yakyuka eruuyi n'eruuyi," n'agamba nti, "wali ggwe, ow'Oluganda Branham." N'agamba nti, "Tewayogera nga bw'otera okukola. Wayogera nti, "Junior!" Wamuyita emirundi esatu. Era n'agamba nti, 'Nja kubabuulira eky'okukola.'" Era n'agamba nti, "N'olyoka osika ebiguwa ku mbalaasi eno. Wali akoze emiguwa ng'esatu, era n'oyolekera mu bire, era erudda lw'ebugwanjuba."

98 N'agamba nti, "Lindamukko katono, bwe nnatunula, era wano ng'embalaasi yiino ezze eyali entono okusinga eyo. Nga za kika ky'ekimu wabula nga yo ntono, n'eyimirira." N'agamba nti, "Nnatambula okwetooloola awo, n'agamba nti, 'Ateekeddwa okuba nga yali aginsindikidde okudda.'" N'ayogera nti, "Ne

ngirinnya.” (Junior naye avuzeeyo katono. N'agamba nti, “Omanyi entebe y'embalaasi bw'ekutuuka obulungi ow'Oluganda Branham, ebisiba amagulu na buli kimu?”) N'agamba nti, “Nnalowooza, 'Kale, bino bintuukira ddala bulungi.' N'olwekyo kye nnava nsika ebiguwa, nga nzuuyo mbulidde mu bire.” N'ayogera nti, “Ne ndyoka nsika ebiguwa ne ngiyimiriza, ne ngikyusa ne tuddayo. Mulaba? Bwe naddayo,” n'agamba nti, “Nnayimiriza embalaasi, ne nvaako, ne njogera n'omukyala. Embalaasi nga tekyaliwo.” Era ekooye.

99 Olwo, olunaku lwa luli, z'ennaku ssatu eziyise, ne wajja Leo Mercier, ng'ajja n'ekirooto ky'ekimu kyennyini, nga talina ky'akimanyiiko; kiringa mbalaasi enzirugavu okuzaala ekyana ekyeru era nga baali tebasobola kukikola; kireeta ekiwuggwe. N'agamba nti, “Nnatambula okugenda eyo, n'agamba nti, ”'Leo,“ ne mmugamba kye nnakoze. Ssaagala kukyogerera wano, mulabe, wabula nnamugamba kye nnakola. ”N'agamba, nti, 'Tolaba? Kaakati okumanya kino; Nnali simanyi Ed Daulton nga yalina omukoddomi nga yalina embwa eyalina erinnya lino. Mujja kukimanya, Leo, nti oli mu kuloota. Wabula, bwe muzuukuka, mukijjukire!“' Era n'agamba nti, ”Nnali siwuliragayo kiragiro ng'ekyo.“

100 Mu kiseera ekyo, Roy Roberson yayingirawo, n'agamba nti, “ow'Oluganda Branham ojjukira emabega nga tonnava ku kkanisa omulundi ogwasooka? Twali…nnakulaba ng'otudde, nga mu Palestine. Twali fenna, ab'akakiiko na buli kimu, bwe twali nga tutudde ng'abaali ku kusembera ku mmeeza ya Mukama waffe, era awo n'oyogera. Era ggwe…Yali takakasa kye wali oyogerako.” N'agamba nti, “Ekire ekyeru kyakka ne kikutoola, ne kikutwala.” Bameka abajjukira ekirooto ky'Ow'oluganda Roy? N'agamba nti, “Ekire ekyeru kyakutwala,” era n'ayogera nti, “olwo n'oba ng'ogenze. Ne ntambula mu nguudo nga bwe ndeekaana n'okukaaba.”

Bwe nnayambuka wano, n'omukono ogwo omutono nga gulemadde, nga bwe yali, ng'asoma bino. Yasuula wansi akawalula omuddo n'atandika okukaaba bwe Yandaba nga nzijja, nvaayo eyo. Nnali sinnaba kumulaba kumbuulira kirooto. Era n'agamba...Era yali awalula bisubi. Ne njogera…

101 “Era-era n'ogenda.” N'agamba nti, “Ne ntambula ku luguudo, buli wamu, nga ngezaako okukuzuula. Nga sisobola kukuzuula wantu wonna. Nnali ndeekaana, nti, 'Oh, ow'Oluganda Branham bambi togenda!'” N'agamba nti, “Ekire ekyeru kyajja ne kikutwala, ne kikutoola mu ffe, n'oyolekera ebugwanjuba.” Ekyo kyaliwo nga piramiidi oba ekintu kyonna tebinnaba. N'agamba nti, “Ne kikutwala okwolekera ebuvanjuba. Nange ne nkaaba, ne ndyoka ntambula ku nguudo.”

N'agamba nti, “Nga wayise akabanga, nnagenda ne ntuula ku mmeeza. Ne nfaanana okutunula ku nkomerero y'emmeeza.” N'agamba nti, “Nga kye nsobola okulaba ku ggwe kyokka gwali muzira omweru ttuku.” N'agamba nti, “Nga ggwe oyimiridde awo.” Era n'agamba nti, “Wayogera n'obuyinza. Nga tewali kya kuteebereza ku kyo.” N'agamba nti, “Buli muntu yategeera kye wagamba.”

Oh, muganda wange, mwannyinaze, kaakati, buli omu ku mmwe ali bulindaala, mmanyi ekyo kye kitegeeza. Mukiraba?

Mwetegereze bwetegereza! Mubeere kumpi ne Kristo. Muleke mbalabule kaakati ng'omuweereza w'Enjiri, ku kino. Tokkiriza busirusiru bwonna. Tobaako kuteebereza kwonna mu birowoozo byo. Beerawo okutuusa omuntu w'omunda munda wano ng'anyweredde ku Kigambo ng'era oli butereevu mu Kristo, kubanga ekyo ky'ekintu kyokka ekigenda oku… Kubanga, tuli mu mulembe omulimba ennyo gwe twali tubaddemu. “Ogusobola okulimba n'Omulonde bwe kiba nga kiyinzika,” kubanga balina amafuta, basobola okukola buli kimu ng'abalala.

102 Mulongoose obulamu bwammwe. Musasule amabanja gammwe. “Tewaba n'omu ababanja,” yesu bwe yagamba. Kaakati, kye ntegeeza, ng'okupangisa kwammwe okw'amayumba nabuli kimu, mulina okukikola. Ebintu byonna mu biggye mu mikono gyammwe. Buli kimu mukitereeze. Muteeketeeke. Mwetegeke. Mujjukire, mu Linnya lya Mukama waliwo ekigenda okubaawo.

Nze ŋŋenda mu nsozi wiiki eno, si nti okuyigga bukaamujje; kubanga era nnyumirwa okubuyigga. Wabula ŋŋendayo olw'ekigendererwa kino nga bwe njogera nti, “Ai Katonda, nze simanyi kkubo lya kukwata, kyokka ate na kino ssaagala kukisubwa. Nnyamba nze.”

Munsabire. Munaakikola? Nange nja kuba mbasabira. Nsuubira, olw'okusaasira kwa Katonda nti mwenna nja kubasisinkana buli omu ku mmwe, tujja kusisinkana mu nsi ennungi esinga ku eno.

103 Era kiki ekituleeta wano? Tukola ki? Tujja wano kuzannya muzannyo? Tujja wano okusisinkana ng'abali mu bisulo? Kiri nti, Kristo tasobola kujja okutuusa ng'Ekkanisa eyo etuukiridde bulungi. Akyalinze ku ffe. Nze nzikiriza nga tuli ku nkomerero.

Mulabe, ekiri mu California. Mulabe obwegugungo. Mulabe ng'abantu kkumi na mwenda battiddwa olw'obusosoze, mu langi. Ssaakibagamba wano ebbanga ssi ddene, nti Martin Luther oyo alireetera abantu be okuttirimbulwa? Bameka abakijjukira? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”-Omuk.] si bantu abo abaddugavu; wabula abakulembeze be babakumamu omuliro. Si kwegatta, busosoze, na buli kye baagala okukiyita; oyo Setaani. Ekyo bwe kiri. Si eri abeeru bokka, abaddugavu; kino kiri eri bonna. Ye Setaani.

104 Ebisenge by'okulowooza kw'omuntu n'okukubaganya ebirowoozo bimenyese. Tewaliiwo ssuubi lyonna. Kisusse essuubi. Ekintu kyonna bbwa ebbi evvundu. Ebisenge by'okulowooza kw'omuntu; tebakyasobola kusalawo.

Siri munnabyabufuzi. Siri wa Democratic oba Republican. Byonna bugwagwa butaliimu. Ndiwo lwa Bwakabaka bumu era obwo bwe Bwakaba bwa Yesu Kristo. Kye kyokka. Naye mu nsi wali olabye wa abantu abakozesebwa abalala nga tebeerowooleza nga be tulina wano, ng'abantu bomu Texas be tulina eyo? "Lwaki," bagamba nti, "buli abantu kye baagala! Bwe baba nga baagala obwa Nnaakalyakaani, kale, kibawe. Bwe baba nga baagala kwegatta tujja kubawa okwegatta. Bwe baba baagala kusosola mu langi, tubawe kyonna." Baakikola…Omuntu atuuse wa?

Ai Katonda! Ekyo kiringa kituuti. Omuntu ali ludda wa, omuntu oyo ddala, asobola okuyimiririra ennono? Ekkanisa eruwa eyimiriridde ennono? Sirina budde kugenda mu maaso nga bwe njagala, nnaandibuwaddeyo, n'omwoyo w'obutekkiriranya. Omukazi abeera mukazi, leka abe ng'omukyala. Omusajja bw'aba musajja, leka abeera musajja.

105 Bw'abeera pulezidenti…John Quincy Adamses waffe ali ludda wa? Abraham Lincoln waffe ali ludda wa, abasajja ab'ennono? Patrick Henry waffe ali ludda wa eyagamba nti, "Mpa eddembe oba ompe okufa"?

Omusajja aliwa oyo ayimiririra ekituufu? Ali ludda wa omusajja ateerya ntama kwogera? Wadde ng'ensi yonna esobola okuba ng'emulwanyisa, ng'ayogera ekyo ekituufu; ate n'ayimiririra ekyo n'okufa n'akifiirira. Arnold von Winkelried waffe nate leero? Abasajja abakuuma ekitiibwa kyabwe baluwa? Abasajja abalina Omwoyo baluwa? Beyagaliza n'okwefaako bokka okutuusa nga tebamanyi na we bayimiridde.

Katonda, leka nnyimirire n'ennono ez'Omuntu omu, ng'omuweereza, Ekigambo kya Yesu Kristo. "Kubanga eggulu n'ensi biriggwaawo, kkyo tekiriremererwa. Ku Lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange; amaanyi g'emagombe tegaligiyinza."

Leka tuyimirire.

Kya mukisa ekisiba ekinyweza

Emitima gyaffe mu Kwagala kw'Obukristaayo;

Okukuŋŋaana kw'aboluganda

Nga kulinga okwo okwa Waggulu.

Kaakati mukwatagane mu mikono gyammwe buli omu ne munne.

Bwe twawukana,

Kituwa obulumi bw'omunda;

Wabula tuliba nga tugattiddwa mu mutima,

N'essuubi okusisinkana nate.

Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa lwe tulisisinkana!

Lwe tulisisinkana ku bigere bya Yesu;

Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa lwe tulisisinkana!

Katonda abeere naawe okutuusa nga tusisinkanye nate!

106 Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakati, ow'Oluganda Neville nga bw'atusiibula mu kigambo ky'okusaba.

Tukomawo ekiro kya leero. Tusuubira okukuŋŋaana okw'amaanyi ekiro kya leero, wano ku kuŋŋaaniro. Katonda abawe omukisa. Era munsabire; nange nja kubasabira.

Mikwano, temulowooza nti ndi muzoole. Temulowooza nti nnina kye ngezaako okubapaatiikako. Mbaagala. Nnina ennono, ye Baibuli. Tewali Kigambo kisobola kuggibwamu. Tewali Kigamba kisobola kwongerwako. Era ngikkiriza nga bwe yawandiikibwa.

Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakati era musumba waffe omwagalwa omuwulize, asiibule ekibiina. Mukama abawe omukisa, ow'oluganda Neville.

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7